# ENKULAAKULAANYA YA BIZINENSI MU BANTU ABAKOLA MU KUVUBA, OKUSUUBULA N'OKUTUNDA EBYENNYANJA

## ENDAGIRIRO Y'ABAYIZI



Ogw'omunaana, 2021

**OKUSIIMA**

*Argent Development Consult* ne ttimu y'endagiriro y'abayizi nga bakulembedwamu mwami Ronald Kasule (omukulembezze wa tiimu), mwami Paul Nanyumba (eyeebuzibwaako/konsalutanti wa BDS), mwami Sam Bassa (omukugu mu by'envuba), ne mwami Henry Seguya Kizito (eyeebuzibwaako/ konsalutanti) beebaza kyansusso abantu bonna n'ebitongole byonna ebyetabye mu nkulaakulanya y'endagiriro eno. Tuli basanyufu byansusso eri abakozi ku pulojekiti ya GIZ-Responsible Fisheries Business Chain (RFCBP) okusingira ddala mwami Gerstl Adolf, mukyala Rebecca Ahabwe, mukyala Sarah Namigadde, ne mukyala Hilde De Beule. Okusiima okwenjawulo kugenda eri abakozi ba Katosi Women Development Trust okusingira ddala mukyala Nakato Margret (Nnampala w'ekitongole), mukyala Viola Nabuguzi, Namugga Vaal, ne mukyala Joan Kayisinga. Mu ngeri yeemu tusiima abeekalirizi ba GIZ abawabweeru olw'obubaka obuzimba bwe baatudizza oluvannyuma lw'okwekaliriza endagiriro eno mu kiseera ky'okugikola n'okugikulaakulanya. Tusiima bya nsusso okuwabulwa okutenkanika okwatuweebwa yuniti ya project management nga ekulembeddwamu mwami Paul Bateeze ne mukyala Namansa Juliet Faith.

**Endagiriro y'abayizi eno etegekeddwa aba;**

Argent Development Consult

for: Quality and Efficiency

**Plot 6 Mungonya Rise, Naguru-Kampala P.O Box 6637 Kampala**

**Obwananyini @GIZ**

**Nanyini Kitabo kino ye GIZ**

**Ekiwandiko kino ekikwata ku ntekateka oba obuwereza obwo kutumbula ebyobusubuzi kiyinza okudibwamu mu bulambalamba oba mu bitundu era mungeri yonna kulwo kusomesa oba engeri yonna etazza magoba ewatali kufuna lukuusa okuva eri nanyini omutongole, singa obuvo bwakyo buba butegerekese bulungi. Tokirizibwa kutunda oba okusubula ekiwandiiko kino nga tosose kufuna lukuusa mubuwandike okuva mu kitongole ekya GIZ**

**OMUKOZESA N’ENGERI Y’OKUKOZESAAMU ENDAGIRIRO ENO**

Endagiriro y’abayizi eno erimu ebibuuzo wamu n’ebiddibwamu, ebifaananyi n’ebyokukola okulagiriza abayizi mu kiseera ky’okutendekebwa ate era ne bwe kinaaba nga kiwedde ku ngeri y’okukulaakulanya bizinensi ey’omutindo gw’ebennyanja ogutegekeddwa Katosi Women Development Trust (KWDT) n’okuwagirwa kwa GIZ. Akatabo k’endagiriro kano kafunza ebiteeso ebyenkizo abayizi bye beetaaga okutegeera oluvannyuma lw’okumaliriza buli musomo. Abeetabyemu beetaaga okuzimbira ku bumanyirivu n’obukodyo bwe bafunye wamu n’obwo bwe balina okulowooza era bazimbe ebirowoozo ebyenjawulo.

Endagiriro eno nnambulukufu era nnyangu okukozesa naye ebifaananyi n’ebibuuzo byetaaga okukubaganyizaako ebirowozo kungi olwo abayizi basobole okufuna okutegeera okugazi ku kki ekigenda mu maaso n’okufuna obukodyo bwa bizinensi. Abayizi kyetaagisa beenyigire mu by’okukola byonna mu kiseera ky’okutendekebwa n’okugabana ebiyitiddwamu ne bayizi bannaabwe okubasobozessa okuyiga okuva mu biyitidwamu.

**Mbagaliza mikisa.**

KATOSI LUGANDA BOOK.pdf 1 10/2/2021 4:19:31 PM

## OLUKANGA LW'EBIRIMU

OKWANJULIRWA ENDAGIRIRO Y'ABAYIZI....................5

OMUSOMO 1: OKUYIGIRIZIBWA MU BY'OBUSUUBUZI....................6

1.1 Okukuguka mu busuubuzi....................6
1.2 Obukodyo bw'okutandika bizinensi bwe buliwa?....................6
1.3 Okuvuba nga Bizinensi....................7
1.4 Ebika bya bizinensi....................7
1.5 Sitatimenti y'ennyingiza y'obwannannyini....................10
1.6 Okwekenneenya bizinensi y'ebyennyanja....................10

OMUSOMO 2: OBUKUGU MU BIZINENSI....................11

2.1 Okutegeera okugula....................11
2.2 Okufuga Sitooko....................11
2.3 Okusengeka emiwendo....................12

OMUSOMO 3: OBUKUGU MU BY'OKUTUNDA....................12

3.1 Okutegeera eby'okutunda....................12
3.2 Akatale n'okwawula mu baguzi....................13
3.4 Engeri z'okutunda....................14
3.3 Okubinjawaza obutale bw'ebyennyanja....................14

OMUSOMO 4: EMPISA N'ENNEEYISA MU BANTU....................15

4.1 Empisa n'enneeyisa....................15
4.2 Okunnyonnyola ku nneeyisa ezimu....................15

OMUSOMO 5: ENKWATA Y'EBYENSIMBI....................17

5.1 Ssente z'obwannanNyini n'ezabizinensi....................17
5.2 Ennyingiza n'ensaasaanya....................17
5.3 Amagoba n'okufiirwa....................18
5.4 Entandikwa ya bizinensi....................19
5.5 Okuteekerateekera ensimbi....................20
5.6 Okukuuma ebiwandiiko....................21
5.7 Ebintu ebikozesebwa mu kuteekerateekera ensimbi....................24
5.8 Okukola okusalawo mu bizinensi nga okunŋŋaanya sitatimenti ku magoba n'okufiriizibwa....................25
5.9 Okugereka emiwendo n'ebbeeyi....................26
5.10 Akakwate k'ebyensimbi ku bbankai....................28

OMUSOMO 6: ENGERI Y'OKUKWATA EBYENNYANJA N'OBWEGENDEREZA....................30

6.1 Okunnyonnyola engeri y'okukwata ebyennyanja n'obwegendereza....................30
6.2 Okunnyonnyola ku bibeera mu ngeri y'okukwata ebyennyanja n'obwegendereza....................30
6.3 Okunnyonnyola ku kwonooneka kw'ebyennyanja....................30
6.3 Okuzuula Ebyennyanja ebyonoonese....................32
6.4 Okunnyonnyola ku kukuuma emmere....................33
6.5 Okukuuma ebyennyanja n'omutindo....................42

## OKWANJULIRWA ENDAGIRIRO Y'ABAYIZI

Oyaniriziddwa ku ndagiriro y'abayizi eya banabyanfuna abeetaba mu lusubo lw'okusuubula n'okutunda gw'ebyennyanja ku mutendera ogutandikirwako n'omutono ddala. Endagiriro eno etegekeddwa okuyamba abayizi abeetaba mu bizinensi y'okuvuba mu kiseera kino okufuna obumanyirivu, obukodyo, n'okuvuganya nga byankizo mu kukulaakulanya n'okuwangaaza bizinensi.

Eno endagiriro y'abayizi eyongereza ku ebyo abatendesi bye basomesa nga emu ku ngeri y'okuwagira n'okusukkulumya obumanyirivu abayizi bwe bafuna. Okutwaliza awamu, akatabo kano katunuulira ebisokerwako mu bizinensi, obuyiiya, entegeka ya bizinensi, ebyettunzi, embalirira n'emiwendo, awava entandikwa ya bizinensi, enkwasaganya ya bizinensi, okutereka ebikwata ku bizinensi, obukodyo obwangu, obumanyirivu ku byensimbi, okukwasaganya ebyensimbi, okutereka ensimbi mu bbanka, okukuuma ebyennyanja, ebyennyanja okwonooneka, okuteekateeka ebyennyanja, enkuuma y'ebyennyanja wamu n'omutindo. Olw'enkyukakyuka y'embeera oluvannyuma lwa ssenyiga omukambwe (COVID-19) n'obulwadde obulala obuva ku COVID 19, abayizi balina okugoberera ebiragiro okuva mu minisitule y'ebyobulamu wamu n'abagiyambako abalala bonna.










**image sources**: https://uccinfo.blog/2020/04/02/press-statement-update-on-the-covid-19-response-in-uganda/https://twitter.com/minofhealthug/status/1402909262519713793?lang=de

# OMUSOMO 1: OKUYIGIRIZIBWA MU BY’OBUSUUBUZI

## 1.1 Okukuguka mu busuubuzi:

**Ekibuuzo 1:** Omusuubuzi y’ani?

Ekyokuddamu: Omuntu atondawo era n’akulaakulanya ekirowoozo kya bizinensi era ne yeewaayo okutandikawo n’okutegeka buzinensi okusobola okufulumya ekyamaguzi oba empeereza ebituukiriza ebyetaago by’omuguzi.




Omusuubuzi era asobola okunyonyolwa nga omuntu;

- Eyekenneenya engeri esinga obulungi butya ebyamaguzi/ empeereza ye bw’esobola okutuukana n’ebyetaago ebyenjawulo eby’abaguzi oba ekitundu mwabeera.
- Apimaapima byonna ebyeetaagisa okutandikawo bizinensi empya.
- Akungaanya eby’okukozesa ebyetaagisa

**Ekibuuzo 2:** Obusuubuzi kye ki?

**Ekyokuddamu:** kitegeezaa emitendera n’ebikolebwa;

Okuzuula emikisa/ ebirowoozo bya bizinensi mu katale,

Okutegeka n’okuzingiza ebyettuunzi ebyetaagisa okugoba ku mikisa gino

Okubeera omuyiiya, omuvumbuzi wamu n’okulembeera okugaziya n’okuzimba bizinensi/

Okuyimusa abantu okuva ku kubeera “abanoonya emirimo” okufuuka “abatandnisi b’emirimo” ekiviirako okutondawo obugagga.

## 1.2 Obukodyo bw’okutandika bizinensi bwe buliwa?

Obukodyo bw’okutandika bizinensi by’ebirowoozo n’ebisaanyizo abasuubuzi bye batera okuba nabyo. Omusuubuzi omulungi alina okuba n’enneeyisa eyenjawulo emusobozesa okwenyigira mu busuubuzi Embeera z’omusuubuzi lukulwe zisobola okufunzibwa mu zino wammanga;

**Ebisaanyizo by’obukulembeze;** omusuubuzi alina okuba n’obubonero obw’omukulembeze omulungi. Alina okubeera nembeera zinno; empiisa z’obuntu, okulaga okutegera, amagezi go ya obwenkanya, ekitiibwa, ne ekisingira ddala empiisa za abantu. Omuyiya alina okuba nga asobola okukwasaganya enkwatagana nabalala kulwobulungi bwa bizinensi zabwe.

**Obwagazi eri okukola n'amaanyi;** Tewaliiyo kiyinza kwenkanyankanyizibwa ne eky'okukola n'amaanyi mu bulamu. Bwoba oddukanya bizinensi omutawaana gumu oba emirala giyinza okubaawo. Omusuubuzi alina okuba omuvumbuzi kulwa bino nazuula engeri z'okubyewala mu bwangu obwekitalo. Kino kyetaagisa okukola n'amaanyi ku ludda lwo omusuubuzi. Alina okuteekamu amaanyi agasukuluma ku gabulijjo okukasa nti obuwanguzi bw'omulimo gwe yatandiika webuli.

**Obumalirivu:** Okuwangula mu bizinensi olina okuba omumalirivu. Kino kiteegeza nti olina okuteeka bizinensi yo mu maaso ga buli kimu kyonna. Kitegeeza bw'oba wa kusigala mu bizinensi ekiseera ekiwanvu olina okuge zesa ssente zo ku lwa bizinensi.

Obumanyirivu: omusuubuzi alina okuba n'obumanyirivu obugazi ku mbeera z'ebyenfuna n'ebitali byanfuna mu bizinensi nga akatale, enneeyisa y'abaguzi, tekinologiya, n'ebirala, ebisobozesa okukola okusalawo okulungi.

Okutandika: omusuubuzi alina okubeera n'embeera etandika. Okulonda omukisa omutuufu ne ekikolwa kyokutandika. Bwaba tatandise mu kiseera kitufu omukisa ayinza okugufiirwa.

Okwekilirizamu: okufuna obuwanguzi mu bulamu, ssekinomu alina okwekilirizamu. Omuntu abulwa kwekilirizamu tasobola kukola mulimu gugwe oba okulungaamya abalala. Okwekilirizamu kwolesebwa mu buvumu, obwagazi ne obusobozi bwokutandika.

Okumanyilira: omuyiya alina okutegera embeera za bizinensi ezitandikirwako. Alina okuba omwetegefu okumanyilira enkyukakyuka mu nkola yebintu. Okwemulugunya (resistance) eri enkyukakyuka ne okulwawo okuddamu kuyinza okuviirako okufirwa emikisa, oba okulembeera mu abalala.

Obwagazi bwokugezesa emikisa: okuyingira omulimo omupya gwonna kujudde okugezesa ne ebitamanyiddwa bingi. Bwoba waku kola wamu nokugezesebwa ne ebitamanyiddwa, omuyiya alina okuba nobwagazi okutebeereza okugezesa. Omuyiya alina okuba nga mulambulukufu, akyukakyuka era mujagujagu okusobola okutebereeza embeera ya bizinensi wamu nokukola obulungi awatali kukerewa.

**Okwezzaamu amaanyi:** Lwaki wandiyagadde okutandikawo bizinensi yo? Bizinensi yo erina essuubi ddene eryobuwanguzi singa oba nobwagazi bwokugezesa ekirowoozo kyo obeere mukamawo nga olina bizinensi yo.

Okwegezaamu

- Omusuubuzi y'ani?
- Olowooza bubonero ki obulaga omukozi wa bizinensi omulungi?
- Omusuubuzi asobola atya okukulaakulanya bizinensi ye?

## 1.3 Okuvuba nga Bizinensi

**Ekibuuzo 1:** Bizinensi kye ki?

Bizinensi kibeera kitongole ekyetaba mu busuubuzi bw'ebyamaguzi, empereeza, oba byonna okutuukiriza ebyetaago by'abaguzi n'okukola amagoba.

## 1.4 Ebika bya bizinensi

**Ekibuuzo 2:** biti ki ebya bizinensi ebyobwananyini?

Bizinensi ye ebyennyanja osobola okujawulamu ebiti bisatu

1. **Eyobwannannyini**

Mu kiti ky’obwanannyini kino, bizinensi yonna ebeera evunaanyizibwako omuntu omu.




**Ebirungi/Enkizo**


- Nannyini yeeyagalira mu magoba ga bizinensi gonna
- Obwanannyini bwomu bulina eddembe erijjudde okukwasganya ensonga za bizinensi nga nannyini bw’ayagala.
- Nannyini tabuuzibwa muntu mulala yenna

**Ebibi**

- Obuzito bwa nannyini tebulina kkomo. Kino kili mu mbeera y’okusasula amabanja ga bizinensi singa ebyobugagga bya bizinensi tebimala, ebyobugagga bya ssekinoomu biba bijja kutwalibwa
- Olw’okuba nti bizinensi evunaanyizibwako omuntu omu, ebyobugagga bya bizinensi biba bitono
- Era akkiriza okufiirwa kwonna

2. **Obwegassi (obanannyini buli mu bantu batono, bayinza okuba 2-20)**

Wano, abantu babiri oba abasukkamu beegatta okutandika bizinensi




**Ebirungi/Enkizo**

Obwanannyini obwawamu buyitibwa kitongole ate mu bumu, abeegasi

Amagoba n’okufiirwa kugabanyizibwa eri abeegasi mu migabo egikanyiziddwako.

Okuva bwekiri nti omuntu assuka mu omu yeetabamu, emiwatwa gy’ensimbi ebiseera ebisinga giba mingi.

Obwegassi buyinza okukolebwa okugatta ebyobugagga ebyetaagisa ku lw’ekitongole. Ebyobugagga biyinza okuba obukodyo, ssente, etakka, ebitankirwako, nebirala.

### 3. Omukago

Omukago kwe kuba nga abantu bakwanagana wamu okukola bizinensi nga baluubiia omugaso wamu n'ekigendererwa kimu.

Mu ngeri y'obwananyini ey'omukago, abantu bangi babeera bannannyini bizinensi era nga beenyigira mu mirimu gyonna egyekuusa ku bizinensi eno. Bannannyini bano baba bayitibwa ba mmemba.



**Ebirungi/Enkizo**

- Ba memba bonna bawaayo omuwendo gwa kyenkanyi nga entandikwa.
- Bagabana amagoba kyenkanyi era balina obuvunaanyizibwa bwa kyekanyi
- Okuva bwekiri nti ennamba y'abannannyini ab'egaattiramu nnene, entambuza y'omukago yeesigisibwa eri akabondo ka bammemba abatono abalondedwa okuva mu bangi.
- Ekyobugagga ky'ebenfuna kyankizo. Obuvunaanyizibwa bwa ba mmemba buliko ekkomo. Kino kitegeza nti ne bwe kiba nga ebyobugagga by'omukago tebimala kusasula mabanja, ebyobugagga bya ba mmemba tebisobola kukwatibwako.
- Omukago era gulina amaanyi okusinga ku ssekinoomu oba obwegassi.
- Omukago gukiikilira ekibiina kinene eky'abantu era emirundi egisinga kino kiyamba omukago okuganyulwa mu pulogulamu za gavumenti n'ebitongole by'enkulaakulana, ebibawaba obuyambi bw'ebyenfuna mu ngeri y'ebirabo ne looni ezitaliiko magoba.

**Ebunafu**

- Eddembe lyokukwasaganya emirimo mu bizinensi likugirwa kubanga omwegassi avunaanyizibwako abeegassi abalala
- Obuvunaanyizibwa bwabwe eri amabanja g'ekitongole tebuliiko kkomo
- Okukeerewa mu kusalawo engeri gye kiba nti buli mwegassi alina okwebuuzibwako singa waba waliwo ekikolwa ekyetaagisa okukolebwa.

**Okwegezaamu**

1. Kika kya bizinensi ki kye weetabamu ekiseera kino?
2. Bizinensi ki gye wandi enyumirizzaamu okukola era lwaki?
3. Lowoozaayo emigaso n'obunafu bw'omukago

## 1.5 Sitatimenti y’ennyingiza y’obwannannyini

**Ekibuuzo 3: Sitatimenti y’ennyingiza y’obwannannyini kye ki?**
Sitatimenti y’ennyingiza y’obwannannyini y’eraga ebyenfuna by’omuntu ssekinoomu bwe biyimiridde mu kiseera ekigereddwa.

- Eraga ennyingiza
- Ensaasaanya
- Oba omuntu akola amagoba oba afiirwa mu kiseera ekigereddwa.

**Ekibuuzo 4: Omuntu asobola atya okukola okusalawo kwa bizinensi nga akozesa sitatimenti y’ennyingiza eya ssekinoomu?**
Ekyokuddamu: Okuva mu magoba agazaliibwa okuva mu sitatimenti y’ennyingiza omutunzi w’ebyennyanja asobola okusalawo okugaziya bizinensi ye oba okuteeka ssente mu bizinensi endala.

## 1.6 Okwekenneenya bizinensi y’ebyennyanja

**Ekibuuzo 1: Okola otya okufuna enkyukakyuka mu bizinensi gye weeyagaliza?**
Okyokuddamu: Osobola nga otaddewo emitendera gy’okozesa mu kulonda ebiroozo bya bizinensi ebisuubiza nga; okusinzira ku bukodiyo bwolina nga obufundi bwe empuliziganya obulungi, ebyobugaga byolinawo, okuba nga olinawo entandikwa wamu no obutimba obuvuba ebyennyanja.

**Ekibuuzo 2: Bintu ki ebyenjawulo by’oyinza okutunuulira singa oba otandika oba oyingirira bizinensi?**




**Okyokuddamu:**
Okulonda ekirowoozo kya bizinensi
Bw’oba olonda ekirowoozo kya bizinensi ey’okwetabamu, kozesa emitendera gino wammanga okulonda ekirowoozo kya bizinensi ekisinga.
**Endagiriro ku kipande ky’okwekenneenya (kozesa ennamba ya tiiki ku buli mutendera)**

- ☐ Kirungi nnyo oba kyagalibwa (tiiki 5)
- ☐ Kirungi oba ky’ansonga (tiiki 4)
- ☐ Nnampawengwa (tiiki 3)
- ☐ Kizibu oba tekyagalibwa (tiiki 2)
- ☐ Kizibu nnyo oba tekyagalibwa (tiiki 1)

| Erinya lye ekirowoozo kya bizinensi | Obukugu n’okuvuganya | Ebikozesebwa ebiliwo | Obusobozi bwokutuka ku bitandikirwako | Ensimbi ez’okukozesa | Obwetaavu obumala | Abavuganya | Omugatte gwa tiiki |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |
| | | | | | | | |

**Weetegereze:** Ekirowoozo kya bizinensi ekirina obululu obusinga kitegeza nti kye ekirowoozo ekising mu kifo ekyo.

## OMUSOMO 2: OBUKUGU MU BIZINENSI

### 2.1 Okutegeera okugula

**Ekibuuzo 1: Okugula kye ki?**

**Ekyokuddamu:** Kino kitegeeza okufuna ebyamaguzi n'empeereza eby'okukozesa mu bizinensi oba ekitongole.

**<u>Omugaso gw'okuddukaganya eby'okugula</u>**

- Kikakkanya ku miwendo gy'ebyennyanja nga kisobozesa omuntu ssekinoomu okufuna ebyamaguzi okuva mu butale obuwa ebbeeyi ye byennyanja esinga okubeera ennungi okugeza ebbeeyi eya wansi.
- Kikendeeza ku buzibu era kiyamba omusuubuzi okubeera ne wasuubula buli lunaku ate nga bimuleeterwa waali.
- Kiyamba mu nkolagana okugeza mu kulamuzaganya.
- Kiyamba okutondawo obuvumbuzi n'obuyiiya anti omusuubuzi abeera akwatagana n'abasuubuzi b'ebyennyanja abalala bangi.
- Kiyamba okukozesa tekinologiya anti kireetera omusuubuzi okwagala okukozesa tekinologiya okusobola okumalawo okusoomoozebwa okubeera mu bizinensi ye.

### 2.2 Okufuga Sitooko

**Ekibuuzo 2: Okufuga sitooko kye ki?**

**Ekyokuddamu:** Okufuga sitooko kitegeeza emitendera gyonna egikolebwa okukakasa nti ebyennyanja/ sitooko ali mu bizinensi agimala okuyimiririrawo, okusobola okutuukiriza ebyo abaguzi bye beetaaga mu bwangu obwekitalo nga ate n'essente ezikozesebwa okuyimirizaawo sitooko ntono.




**Emigaso gy'okubeera ne sitooko amala**

- Kiyamba omusuubuzi okukola obulungi ate mu bwangu anti aba asobola okutunda nga teyeeraalikirira nti sitooko agenda kuggwawo ate nga atunda ayita mu miwaatwa egy'enjawulo era ne kimusobozesa okwongeza amagoba.
- Kitaasa ku budde ne ssente anti omuntuzi w'ebyennyanja aba takyakolera ku kuteebereza.
- Kiyamba omutunzi w'ebyennyanja okutumya ebyennyanja bye yeekakasa nti asobola okutunda bwatyo n'ataggwebaako byennyanja oba okutumya ebissusse.
- Kikuuma abaguzi nga bakomawo okufuna ebirala.

Omuddala ogulina sitooko w’ebyennyanja ebisaasaanye (A) n’omuddala omulala ogulina sitooko w’ebyennyanja ebitegeke obulungi (B)

**Ekibuuzo:** Ngeri ki esinga okukwasaganya sitooko w’ebyennyanja?

**A**



**B**




## 2.3 Okusengeka emiwendo

**Ekibuuzo 3: Okusengeka emiwendo kye ki?**

**Okyokuddamu:** Okusengeka emiwendo gy’emitendera bizinensi gy’eyitamu okuteekateeka ebbeeyi oba omuwendo kwe bantundira ebyennyanja.

**Ebisinzirwako okukola ebbeeyi/emiwendo mu butale**

- Obwetaavu (obwetaavu n’obusobozi bw’okuleeta ebyennyanja bireetewo bikola ebbeeyi y’ebyennyanja)
- Okuvuganya (Okuvuganya wakati wa abatunzi)
- Omiwendo gy’okufulumya ebyamaguzi (okugeza entambula, emisolo, okupakira, n’ebirala)
- Okukenenula emiwendo (eŋŋambo ku bungi oba obutono bw’ebyennyanja)
- Ebyenfuna (emiwendo okukyukakyuka ekiva ku kusalika kwa ssente)
- Endowooza z’abantu (okuwonya oba obujanjabi obukilimu)
- Okusala ku bbeeyi (oba abasuubuzi basalirwako ku bbeeyi oba nedda kiseera ky’okugula ebyennyanja)

### Ekibuuzo kyo okwejjukanya?

Kiki ky’oyize ekinaakuyamba ng’osalawo okugula n’okusengeka emiwendo?

Ebyennyanja byo obitunda ku bbeeyi ki?

Okola amagoba?

# OMUSOMO 3: OBUKUGU MU BY’OKUTUNDA

## 3.1 Okutegeera eby’okutunda

**Ekibuuzo 1: Okutunda kye ki?**

**Ekyokuddamu:** Okutunda bye ebyo byonna by’okola okuzuula n’okumanya abaguzi bo, ne kyebeetaaga kyokka ate nga okola amagoba.

**Mu kutunda muzingiramu:**

- Okubeera n’ebyennyanja na byonna ebiva mu byennyanja bye beetaaga okugeza fille, ebyennyanja ebiramba, ebyennyanja ebikalirire n’ebirala

- Okusengeka emiwendo gye basobola okusasula
- Okubatuusaako ebyennyanja byo mu budde era mu bwangu
- Okubategeeza n'okubasikiriza okugula ebyennyanja byo
-
- Okubafaako oluvannyuma lw'okugula ebyennyanja byo okugeza okubawa mwe babissa.
- Okutegera empagi z'okutunda 5 gamba emiwendo, ekifo, okusikiriza, ebyamaguzi n'abantu.

**Omukazi nga atunda ebyennyanja bye mu mbeera ya COVID-19**




## 3.2 Akatale n'okwawula mu baguzi


**Ekibuuzo: Oyinza otya okutunda ebyannyaja byo bulungi?**

**Ekyokuddamu:** Omuntu ssekinoomu asobola okutunda ebyennyanja bye bulungi nnyo nga akola okunoonyereza ku katale n'okwawula mu baguzi.

Okwawula mu baguzi gy'emitendera gy'okugabanya bakasitooma mu bubondo okusinziira ku bubonero bwe bafaanaganya.

**Engeri y'okwawula mu baguzi**

- Emyaka
- Enneeyisa (okuliira mu woteeri, waka, n'ebirala)
- Emigaso gy'ebyennyanja eri ekibiina nga obujjanjabi n'ebirisa nga mukene, emmamba, empuuta
- Abaguzi abagula olw'omugaso omulala ebyennyanja gwe bibawa okugeza abagula empuuta olw'ennuuni
- Okusinziira ku byetaago
- Engeri akatale gy'ekawulwamu mu ngeri ez'enjawulo



## 3.3 ENgeri z'okutunda


**Ekibuuzo 3: Omuntu ayinza okutunda obulungi ebyennyanja bye?**

**Ekyokuddamu:**

- Mu bantu betumanyi (famire, emikwano, n'abalala)
- Kozesa emikutu gy'amawulire, ebyalo, laadiyo, empapula z'amawulire.
- Okutundira ku mutimbagano
- Okuguza abaliwo/abazze mu katale (kitera kukozesebwa mu butale)




- Okutundira w'osuubulira (omuvubi alagirira omusuubuzi w'ebyennyanja ew'okubitundira)
- Okutunda mu ngeri enyuumiikiriza- mu ngeri eno onyumya n'abaguzi abakyalira ekibanja kyo ku mutimbagano




Ekifananyi ekiraga appu y'ABAVUBI

## 3.4 Okubinjawaza obutale bw'ebyennyanja

**Ekibuuzo 4: Abatunzi b'ebyennyanja basobola batya okuteeka emidaala gyaabwe mu bibinja mu butale?**

**Ekyokuddamu:** Obutale busobola okuteekebwa mu bibinja mu ngeri zino;

Obudde (obutale bw'ebyennyanja obumu bukola mu ssawa z'okumakya ate obulala mu ttuntu) okugeza obutale obumu buli ku myalo

Ekitundu (ku mwalo we basubuliza oba mu baguzi okutunda lejjalejja)

Ekika ky'ebyamaguzi (ekibisi, ekinyogozedwa, ekikalu)

Embeera y'okuvuganya, obwetaavu n'ebusobozi bw'okusuubuza ebyamaguzi (abakola mu byennyanja abamu balina obukugu obwenjawulo okutunda nga okulamuziganya, okulenga, n'ebirala okusingira ddala nga bali gye biva/ ku mwalo.

Okusikiriza n'okusigaza abaguzi

**Ekibuuzo 5: Abatunzi b'ebyennyanja bayinza batya okusikiriza n'okusigaza abaguzi?**

**Ekyokuddamu:** Abatunzi b'ebyennyanja kye bayina okukola obulungi okusikiriza n'okusigaza abaguzi 'bebyennyanja nga bamanya kiki ekibaawula kiki ku balala (okweranga, erinnya, entereka, omutindo, obungi, n'ebirala). Omudaala gw'ebyennyaja gulina okuba mu kifo ekyangu okulaba, ekiyonjo, kituukibwako mangu okusobola okwetunda yokka.

**Akatale k'ebyenyanja akayonjo era akangu okutuukako**




## OMUSOMO 4: EMPISA N'ENNEEYISA MU BANTU

### 4.1 Empisa n'enneeyisa

Empisa by'e bintu ebikuyamba okugya mu bifo awakolerwa. Zizingiramu engeri gy'eweeyisa ne bakozi banno, engeri gy'ogonjoolamu ebizibu, wamu n'okukwasaganya emirimu gyo. Muno muyinza era okubeeramu endowooza zo, ekikula kyo, obwangu, enkolagana ne banno, empuliziganya, okukuuma obudde, okubeera n'ekisa n'ebirala

### 4.2 Okunnyonnyola ku nneeyisa ezimu

**Ekibuuzo: Mpisa ki ezeetaagisa okuzimba enkolagana n'abantu?**

**Ekyokuddamu:** Buno bwe bukugu obwetaagisa omuntu okubeera omuwanguzi bu bizinensi era nga mulimu; okusendasenda n'okukwana emikwano, enteeseganya, okuwuliriza abalala, okwolesa obukulembeze.

Okusendasenda n'okukwana emikwano

**Ekibuuzo 2: Okusendasenda kye ki?**

**Ekyokuddamu:** okusendasenda y'engeri y'okomutizaamu omuntu okubaako ekintu kyafuna oba okukola okusalawo okukuyamba okutuukiriza ebigendererwa byo

**Ekibuuzo 3: Okukwana emikwano kye ki?**

**Ekyokuddamu:** Okukwana emikwano y'engeri gy'ofunamu abantu abali mu kibinja ekimu nga balina ebyetaago bye bimu era nga batabagana ne basigala nga bakolagana mu mbeera eza bulijjo okusobola okuwagiragana

**Ensonga ezisinziirwako okusendasenda n'okukwana emikwano**

- Obuwangwa, enneeyisa n'endowooza (engeri gy'etulabamu ebintu mu ngeri ezenjawulo)
- Obukugu mu kwogerezeganya n'okuwuliziganya (mu bigambo n'ebitali bigambo)
- Obukugu mu kuteeseganya

**Ekibuuzo 4: Okuteeseganya kye ki?**

**Ekyokuddamu:** Okuteeseganya kuba nga omuntu omu oba abasingawo boogerezeganya okwagala okutuuka ku kukaanya ku njuzi zombie.




**Ekibuuzo 5: Okwekkiririzaamu mu nteeseganya kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Okwekkiririzaamu y'embeera y'okuba nga okakasa nti ekyo ky'osazeewo okukola kye kisinga obulungi era ekyanggu mu mbeera eziba ziriwo.

<u>**Obubonero bw'omuntu ey'ekkiririzaamu**</u>

- **Okugezesa emikisa:** aba mwetegefu okugezesa emikisa era nga akola kyonna ekisboka okufuna ekintu ekisinga
- **Obwetwaze:** Abasubuuzi baagala nnyo obutafugibwa wamu n'okubeera n'obuvunaanyizibwa ku kusalawo kwabwe.
- **Okulemerako;** Obusobozi bw'okuguma n'okusimatuka embeera zonna ezizza emabega era oyongera okwekkiririzaamu ng'okola bizinensi yo.
- Obusobozi **bw'okuyiga** okwongera okubeerawo wakati mu kulemererwa
- Obusobozi bw'okunoonya **essanyu n'obumativu** ku mulimu
- Okukola ekyo ky'olowooza nti kituufu, wadde nga abalala bakukudaalira n'okukunenya ku lw'endowooza eyo.
- **Okukkiriza** ensobi n'okuziyigirako




**JUKKIRA: SIRIMU (HIV/AIDS) WADDALA ERA ATTA**

| Ebituufu ebimanyikiddwa ku Siriimu | Engeri y'okukendezza emikisa gya Siriimu |
|---|---|
| • HIV ke kawuka akaleeta siriimu<br>• Omuntu tafunirawo sirimu mu bwangu ddala nga asiigiddwa akawuka ka HIV era mu kiseera kya myaka 5-10 bangi tebakimanya nti balwadde<br>• Akawuka ka HIV kasangibwa mu musaayi, amazzi g'ekisajja, amazzi g'ekikyala, n'emumabeere g'omukyala ayonsa<br>• Akawuka ka HIV kasaasaanyizibwa mu ngeri ssatu: okwegatta n'omuntu akalina, okuva ku maama okudda ku mwana mu kiseera ky'okuyonka oba mu kuzaala, n'emumusaayi gw'omuntu omulwadde oba ebintu ebirala ebikozesebwa mu kufuna omusaayi (nga okugabana empiso ne mu kugaba omusaayi) | • Okwewala ebikolwa eby'okwegatta<br>• Okukendeeza ku nnamba y'abantu be wegatta nabo (omuntu omu)<br>• Okukozesa kondomu/akapiira ka kalimpitawa<br>• Okwewala okwegata n'abantu abayinza okuba n'abaganzi bangi oba nga beetaba mu bikolwa by'ekikaba ebirala nga okutunda akaboozi oba abakozesa ebiragalalagala<br>• Okwejjanjabisa endwadde z'ekikaba endala |

# OMUSOMO 5: ENKWATA Y'EBYENSIMBI

## 5.1 Ssente z'obwannanNyini n'ezabizinensi

**Ekibuuzo 1: Nkwatagana ki eriwo wakati wa ssente z'obwannannyini ne ssente za bizinensi?**
**Ekyokuddamu:** Ssente z'obwannannyini ze ssente eziriwo okukozesaako mu bintu ebibyo eby'obuntu. Ssente za bizinensi ze ssente ezitekeddwa mu bizinensi wamu n'ezo ezizaaliddwa bizinensi yennyini.

- Ssente za bizinensi zisobola okufuuka ssente z'obwannannyini
- Ekyokubiri ssente za bizinensi zisobola okufuuka ssente z'obwanannyini singa omuntu aba afuna omusaala mu bizinensi. Kino kisobola okukolebwa okuyita mu biragiro/ enyongeza n'akasiimo.
- Ekyokussatu ssekinnoomu ayingiza ssente zobwanannyini okuva mu bizinensi okuyita mu kusasula okusinziira ku by'otunze, ennyongeza n'akasiimo.

**Ekibuuzo: Lwaki twetaaga okwawula ssente z'obwannannyini ku za bizinensi?**
**Ekyokuddamu:** Waliwo ensonga nyingi lwaki twetaaga okwawula ssente z'obwannannyini ne ssente za bizinensi. Muno mulimu;

- Okutegeera engeri bizinensi gy'ekolamu kwekugamba bizinensi nga bw'eyimiridde
- Okusobozesa bizinensi okukula
- Okugaziya enkola ya bizinensi

Caution **TOGATTIKANGA SSENTE ZA BUSINESS N'EZ'OBWANNANNYINI**

**Ekibuuzo 2: Okujja ssente z'obwannannyini mu bbanka kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Kwe kujja ssente mu bizinensi okuzikozesa eby'obuntu. Okugeza okujja ssente mu bbanka oba mu kasanduuko okwejjanjaba.

## 5.2 Ennyingiza n'ensaasaanya

**Ekibuuzo 3: Ennyingiza kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Ennyingiza gwe mugatte gw'omusaala, amagoba, ennyongeza, ebipangisibwa n'engeri endala zonna eziyingiza mu kiseera ekigere.

**Ensibuko y'ennyingiza**

- Okufuna n'okutunda ebyamaguzi nga ebyennyanja ebibisi oba ebikalu
- Okugula n'okutunda ebyamaguzi nga omusuubuzi w'ebyennyanja agula okuva ku muvubi n'atunza essomero
- Ng'owa empereeza (nga omuvuzi wa takisi awa ebyentambula)
- Okufuna ebirabo okuva mu mikwano n'abeŋŋanda
- Okufuna ebintu/ ssente ku bbanja
- okusikira

**Ebikolwa ebireetera ennyingiza**

- Okufulumya n'okutunda omwenge omunaanansi
- Okukaza n'okutunda ebyennyanja
- Okufulumya n'okutunda emigaati
- Okuluka emikeeka
- Okufulumya n'okutunda muwogo
- Okufulumya n'okutunda omuceere
- Okuwebwa ebirabo

**Ekibuuzo 4: Okusaasaanya kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Okusaasaanya ze ssente ezisasulwa okufuna ekintu kyonna.

**Okugeza ebintu ebisaanidde okusaasaanyizaako**

- Entambula
- Empooza y'akatale
- Amasannyalaze
- Amasimu agalina akakwate ku bizinensi
- Obupangisa
- Okugula sitooko, ebikozesebwa n'ebirungo (nga ebyennyanja n'enku ez'okunyookeza, ebitambala eby'okukola engoye, eŋŋano okukola emigaati)

## 5.3 Amagoba n'okufiirwa

**Ekibuuzo: Amagoba n'okufiirwa kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Amagoba mu kuteekamu okufuna oba okugabulwa byebyo abasuubuzi bye balubirira okufuna nga biraga emikisa gy'ebakkiriza okutwala okukola ekintu.




**Amagoba** – kitegeeza nti waliwo ssente nyingi eziyingira okusinga kuzifuluma
**Okufiirwa** – kitegeeza nti ofulumya ssente nyingi okufulumya oba okugula ebyamaguzi okusinga ezo z'oyingiza mu kutunda ebyamaguzi n'obuweereza.

**Ekibuuzo 6: Okutereka kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Okutereka ze ssente ezitasaasaanyizidwa oba ezikuumidwa nga za kukozesa mu biseera by'omumaaso. Okutereka Kwa bizinensi yokka oba n'olwe nkulaakulana endala yonna? Ddamu……………..



## 5.4 Entandikwa ya bizinensi

**Ekibuuzo 7: Entandikwa kye ki era ensibuko zaayo ze ziriwa?**

Entandikwa kitegeeza ebyobugagga bizinensi z'esobola okutandisa emirimu nga ssente ez'obuliwo, ebyuma, ebikozesebwa n'ebyobugaga ebirala.

Ensibuko y'entandikwa ebeera y'amunda wamu ne wabweru

Okugeza ensibuko ya ssente ey'omunda

Bino by'ebiterekedwa okuva mu bizinensi y'obwannannyini

- **Okweterekera okw'obwannannyini;** okuyita mu kutunda ebyennyanja buli lunaku oba emikutu gy'ebikorwa emirala egizaala ennyinginza.
- **Amagoba agaweze;** gano gakula oluvanyuma lw'okujjako ensaasaanya ya buli lunaku okuva ku nyingiza
- **Ezisondedwa ffamire;** ba mmemba ba ffamire basobola okusonda butereevu oba si butereevu eri bizinensi ya sekinnoomu nga bayita mu ntandikwa betereevu, entambula, abakozi, nebirala.
- **Okutunda ebyobugagga eby'obwannannyini;** ebyobugagga byobwannannyini ebitundibwa biyinza okuba mu ngeri y'etakka, ente, embuzi, embizzi, n'ebirala.

| Emigaso | Obunafu |
|---|---|
| • Ziyamba okukola okusalawo okutaliiko bukkwakkulizo mu kuteekateeka n'enkozesa<br>• Tezisikiriza magoba (interest)<br>• Nannyini alina obuyinza bwonna n'emigaso gyonna | • Okusonda kuyinza okuba okutono<br>• Waliwo obuzibu bw'okwagala okwuwummuza, kwe kugamba obutamaliriza birina kukolebwa |

**Amakubo g'okufuna entandikwa okuva ewalala**

Gano ge makubo g'okufuna entandikwa, eyinza okufunibwa mu bizinensi nga eva mu bifo ebiri wabweru wa bizinensi gamba nga okuva mu mikwano, abagabi b'obuyambi abatali ba ffamire. Bano basobola okubeera mu ggwanga oba ab'ensi yonna era nga entandikwa eno esobola okubeera mu ngeri y'ebirabo.

| Emigaso | Obunafu |
|---|---|
| • Biba bya bwereere, tebiriimu kufulumya nsimbi yadde | • Tebyesigika<br>• Tebiba mu budde<br>• Bisobola okubeerako obukwakkulizo |

Amakubo amalala omuva entandikwa eva wabweru wa bizinensi;

**Looni**

Zino zisobola okuva mu bbanka, bu bbanka obutono (Microfinance), abawozi b'ensimbi (money lender). NGO/KWDT, ebibiina by'obwegassi ebiterekwamu.

| Emigaso | Obunafu |
|---|---|
| • Ziba ziyamba okufuna ebintu ebirala nga tekinologia, ebikozesebwa mu bizinensi.<br>• Ziyamba okukubira okukola ennyo wamu n'empisa okusobola okusasula amagoba/engassi.<br>• Ereetawo okufuga, kubanga erina okusasulwa nga na bwekityo omwewozi afuna empisa mu by'ensimbi | • Kubeerako amagoba ag'okusasula<br>• Teziba mu budde.<br>• Zibeerako obukwakkulizo bw'okuzizzaayo obw'amaanyi.<br>• Okufuga kwa bizinensi y'omuntu okuva wabweru waayo.<br>• Omuntu ayinza okufiirwa ebintu bye singa bizinensi egwa. |




**Okufuna ebyennyanja ku bbanja;** osobola okufuna ebyennyanja okuva ew'omuweereza (suppleir) ku bbanja. Basobola okukuwa ebyennjanja, olwo n'osasula ng'omaze okutunda.

| Emigaso | Obunafu |
|---|---|
| • Engri ey'esigika okufuna ebikozesebwa.<br>• Tekuli magoba gateekebwako<br>• Okukendeeza ku nsaasaanya (okutumya ebintu n'ebirala.) | • Emiwendo egiri waggulu<br>• Ebikozesebwa ebitali bya mutindo<br>• Okukaaluubiriziba mu kuteekateeka ebikozesebwa. |

***Venture capital***

Zino nsimbi abagagga ze bawa abantu abalina obumanyiririvu mu kukozesa ensimbi, nga ez'okutandisa bizinensi. Ensimbi zino ziweebwa abasuubuzi ku bukwakkulizo ebuteekebwawo abantu abazivunaanyizibwako.

| Emigaso | Obunafu |
|---|---|
| • Ngeri eyeesigika ey'okufunamu ensimbi.<br>• Obukwakkulizo buyinza okubeera obugumiikirizika. | • Obukwakkulizo buyinza okubeera obuzibu.<br>• Ensimbi eziriwo zisobola okubeera entono. |

**Okwegezaamu 1;**

1. Byakuyiga ki ebikulu by'oyize mu ssomo lino?
2. Ngeri ki esinga ey'okufunamu ensimbi ezitandika bizinensi?

## 5.5 Okuteekerateekera ensimbi

**Ekibuuzo 1: Okuteekerateekera ensimbi kye ki?**

**Ekyokuddamu:** Okuteekerateekera ensimbi kubeeramu okutegeka n'okufuba okulaba nga bizinensi n'ebyonna ebigikwatako biddukanyizibwa nga bwe kisuubirwa. Okugeza;

- Okugula ebikozesebwa ebituufu ku muwendo okugusingira ddala ate mu kadde akatuufu.
- Okutuukiriza ebyetaago bya kkasitooma/omuguzi

- Okufuga enzirukannya ya bizinensi n'okufuba okulaba nti waliwo ensimbi ez'okugula, okutambuza wamu n'okusabika ebyennyanja n'ebirala.
- Okukuuma mu buwandiike ebikwata ku nsimbi za bizinensi, sitooko wamu n'ebiteekebwamu ensimbi.

- Okukakasa nti bizinensi ekula era ekola amagoba.

## 5.6 Okukuuma ebiwandiiko

**Ekibuuzo 2: Ebiwandiiko kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Ebiwandiiko bifa ku bubaka obutondebwawo, obufunibwa n'ebukuumibwa nga obujulizi, nga omuntu singa aba agezaako okutuukiriza amateeka, oba okulaga eneri bizinensi gy'ekolamu, okugeza akatabo ka lisiiti kalaga mu buwandiike ensimbi eziyingira mu bizinensi, ebyennjanja ebiguliddwa, ebikozesebwa mu kuvuba ebyobwannannyini.

## ENKOOKERO ESOOKA1: OLUKALALA LW'EBIRABIRWAKO

### Ekirabirwako 1-1: Cashbook/Akatabo akalaga ssente

| AKATABO AKALAGA SSENTE MU MWEZI GWA………..OMWAKA……… | | | |
|---|---|---|---|
| **ENNAKU Z'OMWEZI** | **PARTICULARS** | **ENSIMBI EZIYINGIRA** | **ENSASAANHYA** |
| | **Ssente ezitandise** | **XXX** | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | **Ssente ezitandise** | **XXX** | **XXX** |

Akatabo akalaga ensimbi ezikoleddwa n'ezisaasaanyiziddwa
Okukuuma ebiwandiiko by'ensimbi kiteegeza nti owandiika ssente zonna eziyingira n'ezifuluma.




**Obubonero buno wammanga bukozesebwa:**
Ssente eziyingira = ssente zeeyongera, awo nga tukozesa akabonero akagatta (+)
Ssente zonna eziyingira ziwandiikibwa **ku mukono ogwa kkono** ku lupapula

Ssente zifuluma = ssente zikendeera, awo nga tukozesa akabonero akatoolako/akaawuza (-)
Ssente zonna ezifuluma ziwandiikibwa **ku mukono ogwa ddyo** ku lupapula (DDYO)

**Ekyokulabirako ky'akatabo akalaga ssente ezikolebwa buli lunaku**

| ENNAKU Z'OMWEZI | SSENTE EZIYINGIDDE | OMUWENDO (shs) | OLUNAKU LW'OMWEZI | SSENTE EZIFULUMYE | OMUWENDO (shs) |
|---|---|---|---|---|---|
| 20-Ogusooka-09 | ebyennyanja10 | 2,000 | 1-Ogusooka-09 | Okugula ebuma | 3,000 |
| 25-Ogusooka-09 | ebyennyanja14 | 2,800 | 7-Ogusooka-09 | Okusasula omusaala | 1,200 |
| 29-Ogusooka-09 | Ebyennyanja 20 | 4,000 | 16-Ogusooka-09 | ebyentambula | 800 |
| | Omugatte | 8,800 | | Omugatte | 5,000 |

**Obukugu mu kusuubula**

**Ekyokulabirwako 1:** Enteekateeka ya bizinensi

| Ebimayikiddwa ku bizinensi yo entonotono ey'ebyennyanja | |
|---|---|
| Ekika kya bizinensi | |
| Ebinaaletera obuwanguzi | |
| **Okunoonyereza ku katale** | |
| Abaguzi | |
| ebitundibwa | |
| Omukululo gw'akatale | |
| Abalala abali mu bizinensi | |
| **Engeri y'okukolamu bizinensi y'ebyennyanja** | |
| ekitundibwa | |
| ekifo | |
| emiwendo | |
| ebisikiriza | |
| **Okuddukanya bizinensi y'ebyennyanja** | |
| ebitundiddwa | |
| **Ebiseera by'omumaaso ebya bizinensi y'ebyennyanja** | |
| Amagoba n'okufiirizibwa | |

**Okuvuba n'okutunda ebyennyanja nga bizinensi**

**Ekirabirwako 2:** sitatimenti y'ensimbi ez'obwannanyini

| Sitatimenti y'ensimbi ez'obwannanyni | |
|---|---|
| **Ensimbi eziyingira (buli mwezi)** | |
| Okugeza omuwenod gw'ebyennyanja ebitundiddwa | |
| | |
| **Omuwendo gw'ensimbi mu bugatte** | |
| | |
| **Ensaasaanya (buli mwezi)** | |
| Okugeza ssente z'obupangisa | |
| Emmere | |
| Entambula | |
| Emisolo | |
| Air time /eyattayimu | |
| Ebisale by'essomero | |
| **Okusasula looni** | |
| **Omugatte gw'ensaasaanya** | |

**Okuddukanya ensimbi**

**OLUKANGA 4:** FOOMU Y'EBIWANDIIKO ERAGA EBINTU EBITUNDIBWA BULI LUNAKU

| ESSENTE EZA BULI LUNAKU<br>ENNAKU Z'OMWEZI………………… | | | | |
|---|---|---|---|---|
| **Nnamba** | **PARTICULARS** | **OBUNGI** | **OMUWENDO** | **OMUGATTE** |
| | | | | |
| | | | | |
| | | | | |
| | Omugatte | | | |

**Ekirabirwako 5:** akatabo ka lisiiti

**ERINNYA LWA BUZINENSI, WESANGIBWA NE TIN 000-01100**
**ENNAKU Z'OMWEZI…………………….**
Aguze ……………………………………………………………………………….
Ky'asasulira………………….……………………………………….……………...
Omuwendo mu bigambo……………………………………………………………………………
……………………..                                         ………………………   omuwendo mu
nnamba                                             ekyenkumu/omukono gw'azifunye

**Ekirabirwako 6:** akatabo akalaga ssente

| ENNAKU Z'OMWEZI | SSENTE EZIYINGIDDE | OMUWENOD (shs) | | ENNAKU Z'OMWEZI | SSENTE ZIFULUMYE | OMUWENOD(shs) |
|---|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | | |
| | | | | | | |
| | | | | | | |
| **Omugatte** | | | | **Omugatte** | | |

**Ekirabirwako 7:** ekitabo ekiraga sitooko

| **Nnamba** | **okunnyonnyola** | **obungi** | **entandikwa** | **ebiguliddwa** | **ebitundiddwa** | **okufiirizibwa** |
|---|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | | |
| | | | | | | |
| | | | | | | |

**Ekirabirwako 8:** Ekitabo ky'abatwala ku bbanja

**ABAGUZI ABATWALA KU BBANJA**
**ERINNYA: ___________________________**

**GY'ASANGIBWA: ________________________**

| **ENNAKU Z'OMWEZI** | **KY'ATUTTE** | **EBBANJA** | **OKUSASULA** | **EZIBULAYO** | **OMUKONO** |
|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | |
| | | | | | |
| | **Omugatte** | | | | |

**Ekirabirwako 9:** akatabo k'ababanjibwa

| **ENNAKU Z'OMWEZI** | **EBITWALIDDWA** | **EBBANJA** | **EZISASUDDWAKO** | **EZIBULAYO** |
|---|---|---|---|---|
| | | | | |
| | **Omugatte** | | | |

**Ekirabirwako 10:** proforma invoice

| | | |
|---|---|---|
| Ennaku z'omwezi……………………<br>Proforma invoice no ……………......<br>Abisindise; ………………………….<br>Erinnya ly'ekitongole…………………<br>Ekitundu mu kitongole………………...<br>W'asangibwa…………………………..<br>Eggwanga …………………………….. | Proforma Invoice | Gye bisindikiddwa:<br>Erinnya ly'ekitongole…………..<br>Ekitundu mu kitongole…………<br>Address……………………….....<br>Eggwanga ………………………<br>Ensimbi ………………………… |

| Ebyamuguzi | obungi | omuwendo | VAT/omusolo | Omugatte |
|---|---|---|---|---|
| | | | | |
| | | | | |
| OMUGATTE GWONNA | | | | |
| Omukono ogukkirizibwa | | | | |




**Ekibuuzo 3: Lwaki twetaaga obughandhiike?**

- Okugoberera antandhikwa ya bizineesi okusingira irala esente.
- Okulaga engeri bizineesi y'etambula.
- Okwetegekera ekiseera eky'omumaiso.
- Buyamba abasuubuzi okwetegereza ensasaanhya, emiwendho nh'amagoba
- Buyamba okwekenhenhya enkulakulanha ya bizineesi okumala kiseera.




## 5.7 Ebintu ebikozesebwa mu kuteekerateekera ensimbi

**Ekibuuzo 4: bintu ki ebikozesebwa mu kuddukanya bizinensi?**

Ebintu ebikozesebwa bye biwandiiko ebiyamba okutereka obubaka mu ngeri etabwonoona era era erambikiddwa obulungi. Buli kika ky'ekiwandiiko ekikozesebwa mu bizinensi kirna okuterekebwa kyokka. Ebiwandiiko ebimu bizinensi y'ebyennyanja by'erina okuba nabyo bizingiramu bino;

- Ebiraga ebintudibwa buli lunaku
- Akatabo ka lisiiti

- **Akatabo k assente eziyingira n'okufuluma;** Akatabo mwe tuwandiika ssente zonna eziyingira n'okufulama ke kayitibwa 'Cash Book'. Osobola okukozesa ekitabo nga abayizi kye bakozesa ku ssomero okuwandiika ssente eziyingira n'okufuluma. Akatabo kano kakozesebwa okuwandiika ensimbi zonna eziva mu kutunda, okusinga ouvannyuma lw'akadde akagere, okugeza nga buli mwezi, oluvannyuma lw'emyezi ena oba mukaaga oba buli mwaka.
- Akatabo akalaga ebikozesebwa Inventory Record Book
- Akatabo akalaga amabanja
- Akatabo akalaga ababajibwa
- Akatabo akalaga ebyamaguzi ebisasuddwa naye nga tebinnaweebwa muguzi.

**Ebisingawo ku bikozesebwa mu kuteekerateekera ensimbi biri mu Nkookero 1**

## 5.8 Okukola okusalawo mu bizinensi nga okunŋŋaanya sitatimenti ku magoba n'okufiriizibwa

**Ekibuuzo 5: Sitatimenti ku magoba n'okufiirizibwa kye ki?**

- Sitatimenti ku magoba n'okufiirizibwa era eyitibwa sitatimenti y'ennyingiza era eraga ennyingiza n'ensaasaanya ya bizinensi y'ebyennyanja n'amagoba agavaamu oba okufiirizibwa oluvannyuma lw'ebbanga eggere (Omwezi, emyezi mukaaga oba omwaka).
- **Amagoba** – Kitegeeza waliwo ensimbi eziyingira okusinga ezifuluma.
- **Okufiirizibwa**- kitegeeza osaasaanya ssente nnyigi okufulumya oba okugula ebintu okusinga z'ofuna ng'omaze okutunda ebyamaguzi.

Amagoba = ebitundiddwa byonna wamu toolako ebisale byonna

**Ekyokulabirako kya ffomyula eraga amagoba oba okufiirizibwa nga ejjuziddwamu**

| Ebitundiddwa | Ebisale | Amagoba oba Okufiirizibwa |
|---|---|---|
| Siriingi 100,000 | Siriingi 75,000 | Siriingi 25,000 (Magoba) |
| Siriingi 100,000 | Siriingi 125,000 | Siriingi 25,000 (Kufiirizibwa) |
| Ebitundiddwa nga bisinga ebisale | | = Magoba |
| Ebisale nga bisnga ebitundiddwa | | = kufiirizibwa |
| Ebitundiddwa=ebisale | | = Mwenkano |

*Ssente eziyingira* - *Ssente ezifuluma* = *Magoba oba kufiirizibwa oba mwenkano*

**Ekibuuzo 6: Biki ebibeera mu sitatimenti y'amagoba n'okufiirizibwa?**

- Eraga byonna ebitundiddwa mu bizinensi y'ebyennyanja (okukebera akawunta na byonna ebiguliddwa)
- Ssente ezikozesebwa buli lunaku n'endala zonna nga ozirinako lisiiti zaazo
- Eraga wonna ewajjibwa ssente, kyeeke, kaadi z'okusasula n'ebbanja
- Byonna ebikwata kukendeeza mu kutunda (okusalako oba amagoba)

**Okwongeza ku magoba**

**Ekibuuzo 7: Magoba genkana ki bizinensi y'ebyennyanja g'ekola?**

**ekyokuddamu:** Amagoba bizinensi y'ebyennyanja g'ekola kitegeeza okupima ensimbi ezisigalawo olvannyuma lw'okusasula ebisale byonna. Okwetegereza amagoba gano kikuyamba okulaba buzinensi yo oba ekola bulungi era n'osobola okukola okusalawo okutuufu mu biseera by'omumaaso.

**Ekibuuzo 8: Oyongeza otya ku magoba buzinensi y'ebyennyanja g'ekola?**
**Ekyokuddamu:** Amagoba buzinensi y'ebyennyanja g'ekola gasobola okwongezebwa nga okendeeza ku bisale, ensaasaanya ate n'oyongeza okutunda.

| Ebisale bisobola okukendezebwa nga: | Okutunda kusobola okwongezebwa nga: |
|---|---|
| • Okutereeza enkolagana n'abatunzi<br>• Okunoonya engeri endala eyinza okukozesebwa okukyusa enkola eziriwo.<br>• Okweggyako ebyo ebitatambula oba ebitatunda bulungi<br>• Okukendeeza ku nsaasaanya mu buzinensi n'enzirukanya y'emirimu<br>• Zuula era oggyewo okudiibuuda kwonna | • Otunda ku birudde mu tterekero<br>• Okwongeza ku bisale<br>• Okukozesa obukodyo bw'okutunda gamba nga okugaba ennyongeza wamu n'okutegeeza abaguzi ku bintu ebilala by'olina.<br>• Okufuba okulaba nga oyongeza ku baguzi ab'olulango<br>• Okwongera ku ngeri y'okwolesa ebyamaguzi byo obulungi. |

## 5.9 Okugereka emiwendo n'ebbeeyi

**Ekibuuzo: Emiwendo kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Emiwendo kitegeeza ssente zona bizinensi z'esaasaanya okukola n'okutunda ebyennyanja byaayo.
**Ekibuuzo 2: Okugereka emiwendo kyeki?**
**Okuddibwamu:** Okugereka emiwendo y'engeri gy'obaliriramu emiwendo gy'okukola oba okutunda ebyennyanja

- Omugaso gw'okugereka emiwendo.
- Okugereka emiwendo kiyamba bizinensi yo;
- Okugereka ebbeeyi
- Okukendeeza n'okufuga emiwendo
- Okukola okusalawo okusinga obulungi ku bizinensi
- Okutegekera ebiseera by'omumaaso




**Ebika by'emiwendho**

1. **Emiwendo egy'olubereera:** Emiwendo egy'olubereera gy'emiwendo egitakyukakyuka na kigero ky'ebifuluma mu banga ettono. Okugeza muyinza okubeeramu ebintu nga; omusaala gw'abakozi ab'olubereera, empooza, n'ebirala.

2. **Emiwendo egikyuka;** Omuwendo ogukyuka gukyukakyuka butereevu n'ekigero ky'ebifuluma mu bizinensi. Okukyukakyuka obutereevu kitegeeza nti omugatte gw'emiwendo egikyuka gijja kuba gy'esigamira ddala ku kigero ky'ebifuluma. Singa ebifuluma by'ekubisaamu, kitegeeza omuwendo ogukyuka gujja kukubisibwamu. Singa gugabanyizibwamu kyenkanyi, omuwendo ogukyuka gujja kugabanyizibwamu kyenkanyi. Singa tewabaawo kufulumya, awo tewabawo muwendo gukyuka gufunibwa. Omuwendo guno guyinza okubaamu ebintu nga; omusaala gw'abakozi abapangise, ebyeetagisa okuddukanya bizinensi, emiwendo gy'ebintu ebikozesebwa okutereka ebyamaguzi, n'ebirala.
3. **Emiwendo egiddukanya bizinensi;** gino gy'emiwendo gy'okuddukanya bizinensi, mulimu; amasanyalaze, amazzi, ebintu ebikuuma omuntu ssekinnoomu/ ekyambalo ky'obuwaze. Gino miwendo egiddukanya bizinensi era tegyewalika. Emiwondo egiddukanya bizinensi girina okwekenneenyezebwa buli kadde okusobola okwongeza amagoba.

| | | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| Emiwendo egitakyuka | + | Emiwendo egikyuka | + | Emiwendo egiddukanya bizinensi | = | Omugatte gw'emiwendo |

**Ekibuuzo 3: Okusengeka bbeeyi y'ebyennyanja kye ki?**
**ekyokuddamu:** Okusengeka ebbeeyi y'ebyennyanja kwe kugereka ssente mmeka ebyennyanja zebinaatundibwa. Bino bye bisinziirwako okusengeka ebbeeyi y'ebyennyanja.

**Ebbeeyi gy'osengeka erina kusiziiira ku bino;**

- Nti omuwendo gw'okufulumya guvuddeyo
- Nti kuliko amagoba
- Nti ebbeeyi eraga omutindo/ omuwendo gw'ebyennyanja byo
- Nti ebbeeyi teri wagulu nnyo oba wansi nnyo okukusindika wabweru w'okuvuganya
- Nolwekyo, zuula;
- B'ovugananya basasuza kye nkanaki
- Oba etundutundu erisinga obungi ku baguzi bo banaasobola ebbeeyi y'ebyennyanja byo

**Ekibuuzo 4: Ngeri ki ennungi omuntu gy'ayinza okuyitamu okusengeka ebbeeyi?**
**Ekyokuddamu:** Okugeza, omutunzi w'ebyennyanja asobola okukola amagoba amatono mu myezi egisooka ng'ayita mu kubeera n'ebbeeyi eyawansi, naye n'awamba akatale era bwatyo oluvanyuma n'ayongeza ebbeeyi. Kino wabula kyetaagisa bizinensi y'ebyennyanja okumanya ekigero ky'nsaasaanya yonna eyimirizaawo buzinensi wamu n'emiwondo kwesobolera okuzzaawo ssente ezisaasaanyiziddwa (omwenkano)

**Ekibuuzo 8: Ebbanja kyeki?**
**Ekyokuddamu:** Kuno kwegula n'okutunda nga tewali ssente nkalu.

- Ebiragiro by'olina okugoberera mu kugula n'okutunda ku bbanja
- Wa/ guza ku bbanja abaguzi abo bokka abakugulako bulijjo b'okakasa nti bajja kusasula mu budde.
- Fuba okulaba nti osasulwako ekitundu ku mugatte gw'essente ezirina okusasulwa
- Beera ne ssente ezikumala okugula sitooko empya.
- Fuba okukuuma obuwandiike ku bantu abatwala ebintu ku bbanja.
- Buli kiseera sasulanga ate mu budde.


Emigaso n'obunafu bw'okutundira ku banja

**Ebirungi nh'ebibi ebiri mu kutuundha nga ozira sente**

| Emigaso | Ebunafu |
|---|---|
| • Eyo mpeereza eri abaguzi bo era kijja kusikiriza abaguzi abamu. | • Abaguzi bo bayinza okukeerewa mu kusasula oba obutakusasirako ddala<br>• Wayinza okubaawo ennyombo mu kusasula<br>• Kyangu nyo okugatako ssente nyingi ekiyinza okukubeerera ekizibu okujjukira singa oba tewatereka biwandiiko, ani ayina okusasula era ssente mmeka<br>• Ssente z'obanja abaguzi bo tosobola kuzikozesa kugula byakukozesa oba okwongera ku bizinensi yo |

**Omugaso gw'okugula ku bbanja**

| Ebirungi/ Enkizo | Ebibi |
|---|---|
| • Okugula sitooko mu biro nga y'alayisi (nga ebyennyanja, muwogo), mukuume era omutereke bulungi olwo omutunde nga ebbeeyi eri wagulu<br>• Okusobozesa okugula ebintu mu bungi ate ku layisi (ebintu nga eŋŋano)<br>• Okutabikamu ensaasaanya ezawaggulu ez'ebiro (nga okubiyitimusa) | • Wayinza okubawo enkaayana oba okubuzaabuzibwa ku by'ensasula<br>• Oyinza okwerabira nti olina akubanja<br>• Waliwo omuze gw'okugula ebintu ebiteetaagisa<br>• Ebiseera ebimu oyinza okuba nga olina okusasula kingi ku banja (amagoba agakusabibwa) |




## 5.10 Akakwate k'ebyensimbi ku bbanka

**Ekibuuzo 1: Lwaki okuggulawo akawunti mu bbanka kyetaagisa mu bizinensi y'ebyennyanja?**

**Ekyokuddamu:** Kiyamba okukuuma obulungi ssente za bizinensi y'ebyennyanja

**Ekibuuzo 2: Omutunzi w'ebyennyanja ayinza atya okukwenneenya obwetaavu bwa looni mu bizinensi?**

**Ekyokuddamu:** Kyamugaso nnyo okwekenneenya embeera zonna eza bizinensi n'obwegendereza okumanya oba ssente z'onoonya zetaagisa. Ne bweziba ssente zetaagisa, bino wammanga birina okufiibwako nga tonnasalawo kwewola ssente

- Waliwo sitooko yonna etatambula oba etambula empola eyinza okuwebwayo etundibwe ku bbeeyi eyawansi okufunamu ssente enkalu ez'amangu okusinga okusuubira ebbeeyi ennungi n'okugirinda?
- Waliwo amabanja agasigadde nga tegakuŋŋaanyizidwa olw'ebutakkaanya n'ebirala, nga bisobola okugonjorwa nga okkiriza okufunako akatono kwezo z'obanja?
- Waliwo ebyobugagga ebitakozesebwa ebisobola okutundibwa?

**Ekibuuzo 3: Bintu ki ebisookerwako era biwandiiko ki ebyetaagisa okusobola okwewola ssente?**
**Okuddibwamu:**

| Ebisookerwako okwewola ssente/ okufuna looni | Ebiwandiiko ebyetaagisa |
|---|---|
| • Omuwozi wa ssente akuŋŋaanya obubaka okuva kw'oyo ayagala okwewola n'akebera obusobozi bw'okusasula looni<br>• Awo napima ssente z'ensibo eziriwo mu bwangu mu bizinensi mungeri y'ezo eziterekeddwa, ezisigidwa, n'ebyobugagga ebirala<br>• Omuwozi akola okunoonyereza ku mabanja, ebiwandiiko ebikadde ku kusasula amabanja n'okusasula ebisale<br>• Omuwozi era abalirira omuwendo gw'ebintu bizinensi by'eyinawo nga omusiingo<br>• Okusaba okufuna looni awo kuyinza okukkirizibwa oba okugaanibwa. | Ebiwandiiko ebyetagisa okusobola okufuna looni<br>• Ndagamuntu (passipota, ndagamuntu y'eggwanga, pamiti y'okuvuga)<br>• Gyobeera (Ku mulimu oba awaka)<br>• Sitatimenti ya bbanka okumala akaseera akatakka wansi wa myezi esatu (3)<br>• Erinnya lya bizinensi<br>• Omusingo<br><br>Ebiwandiiko okulaga eyeewola<br>• Okusaba kwa looni<br>• Sitatimenti y'ebyensimbi<br>• Ekika kya bizinensi (ya bwannannyini, bwegassi, mukago)<br>• Ebiwandiiko okuva mu ba mmemba bonna mu bizinensi ey'obwegassi<br>• Ebiwandiiko ebiraga obuwandiise bwa bizinensi (Article of association, memorandum of association)<br>• Satifiketi y'obuwandise (URSB)<br><br>Ebiwandiiko ebikakas ebbanja<br>• Ebiwandiiko ebiraga obuzito bw'omusiingo<br>• Endagaano ku bbanja/looni<br>• Ebbaluwa y'okwewaayo okusasula<br><br>Ebiwandiiko ebirala ebigattibwa ku musiingo.<br>• Security agreement- Endagaano ku musiingo<br>• Deed to secure debt<br>• Endagaano y'akusemba okufuna looni<br>• Landlords waiver<br>• Insurance policies |

**Okwegezaamu I:**

1. Okukwasaganya ebyesimbi kyeki?
2. Okukuuma ebiwandiiko kye ki era lwaki kya mugaso?
3. Bintu ki ebikozesebwa mu kukwasaganya ebyensimbi?
4. Sitatimenti y'amagoba n'okufirwa etandikirwako eyamba etya mu kukola okusalawo mu bizinensi?
5. Okusengeka emiwendo n'ebbeeyi kye ki?
6. Biwandiiko ki ebyenkizo ebyetaagisa okwewola ssente/okufuna looni?
7. Kiki ekifuula omuntu omwewozi omulungi?

# OMUSOMO 6: ENGERI Y'OKUKWATA EBYENNYANJA N'OBWEGENDEREZA

## 6.1 Okunnyonnyola engeri y'okukwata ebyennyanja n'obwegendereza

**Ekibuuzo: Engeri y'okukwata ebyennyanja n'obwegendereza kye ki?**
**Okyokuddamu:** "Okukwata ebyennyanja kinyonyorwa nga" okukwata n'obwegendereza ebyennyanja ku lyato, oba mu mmanvu oba mu kiseera ky'okubitambuza okubitwala ku mwalo, mu katale oba ku ddongooserezo oba ekkolero.



## 6.2 Okunnyonnyola ku bibeera mu ngeri y'okukwata ebyennyanja n'obwegendereza.

- "Okwonooneka kw'ebyennyanja" kino kinnyonnyorwa nga omutindo gw'ebyennyanja okugenda nga gw'esala okumala ebbanga, enkyukakyuka ezo zisobola okubeera mu ndabika y'ebyennyanja, akawoowo/ okuwunya nengei gy'ekiwoomamu singa oba okikombyeko era nga bino bisobola okubeerawo nga bigendereddwa oba mu butali bugenderevu.
- "Okukuuma emmere" kino kinyonyolwa nga; okukuuma ebiriibwa byonna obutayonooneka mu bugenderevu n'ekigendererwa eky'okuleetawo obulabe bwonna. Okukuuma emmere era kizingiramu okuteekawo enkola ezenjawulo okukendeeza ku kwonoona emmere mu bugenderevu.
- "obulungi bw'emmere" obulungi bw'emmere kwe kubeera nga emmere ekuumibwa butiribiri esigale nga nnungi nga teyonooneddwa mu butali bugenderevu. Obulungi bw'emmere bubeeramu byonna ebyekuusa ku mutindo gw'ebyennyanja wonna mu kuvuba, okutunda n'okugula. Ebiseera ebisinga kino kiba kigendereddwamu okukakasa nti ebyennyanja tebiba bya bulabe eri abo ababirya.

## 6.3 Okunnyonnyola ku kwonooneka kw'ebyennyanja

### 6.3.1 Ebireetera okwonooneka kw'ebyennyanja

**Ekibuuzo: Kiki ekiviirako okwonooneka kw'ebyennyanja?**

**Okyokuddamu:** Okwonooneka kw'ebyennyanja kuleetebwa ensonga nnyingi ezisobola okusengekebwa mu bugazi gamba ensonga z'obutonde, ebiragalaragala wamu n'ebisobola okukwatibwako

| Okusengeka ensoga eziviirako okwonooneka kw'ebyennyanja | | |
|---|---|---|
| **Ez'obutonde;** zino ensonga okusingira ddlala zireetebwa obuwuka obutono ddala obuleetera ebyennyanja okwonooneka.<br>Buno busobola okwongera okunnyonnyolwa nga; | **Ebikwatibwako;** ensonga zino zesigamizibwa ku biri mu nsi nga bwe tugimanyi, bye tulabako era bye tusobola okukwatako. Waliwo ensonga nnyingi mu nsi eziyinza okuviirako ebyennyanja okwonooneka. | Ebiragalaragala; |
| Okwonooneka okuva ku enzayimu (obuwuka obuyamba mu kukubaakuba emmere) obusangibwa mu byennyanja<br>Obuwuka bu enzayimu obusangibwa mu byennyanja buyambako mu kumenyaamenya emmere eba eriiriiddwa ebyennyanja mu mibiri gyabyo. Enzayimu zino zisangibwa mu lubuto ly'ekyennyanja. Ekyennyanja bwekiba tekinyogozedwa oba okukiteeka mu balaafu omungi mu bwangu enzayimu zino zisobola okuleetawo okwonooneka kwebyennyanja mangu, ekikosa edabika ya fille<br>Okwonooneka okuleetebwa amasavu<br>Okusaanuuka kw'amasavu y'emu ku nsonga enkulu eletera omutindo gw'ebyennyanja okugwa wamu n'okwonooneka. Ebyennyanja ebimu nga mukene byebisinga okukosebwa ennyonooneka eno.<br>Okwonooneka kwobuwuka bu bbakitiriya.<br>Obuwuka obutono obutalabika n'amaaso gaffe obuyitibwa bbakitiriya obubeera mu lubuto lw'ebyennyanja nga biramu buli kaseera bubireetera okwonooneka<br>Okukula kwobuwuka bu bakitiriya n'enkubaakuba y'emmere nsonga nkulu eviirako okwonooneka kw'ebyennyanja, ekireetera obuwoowo obubi mu byennyanja byonna singa biba tebikuumiddwa bulungi. | Mu zino mulimu;<br>Ebbugumu eggere; ebyennyanja bisobola okukuumirwa mu bbugumu erigerekeddwa. Enkyukakyuka mu bbugumu lisobola okuleetera omutindo gw'ebyannyanja okugwa mu bwangu. Kino kitera kubeerawo olw'ebinywa okukutukakutuka ne enzayimu okubeera nga zikola ku bwangu obw'ekika'ekyawaggulu. | Ekyennyanja kirina olubuto olulimu amazzi ebyenda mwebyekutte. Amazzi gano gayinamu ebiragalaragala nga singa biba tebijjibwamu ku mutendera gwonna biyinza okuviirako ebyennyanja okwonooneka.<br>Okwonooneka okwo olwo kuba kwekuusibwa ku biragalaragala ebisangibwa mu mazzi. |

**JJUKIRA NTI EBYENNYANJA EBIRINA AMASAVU AMANGI NEBINYWA EBINAFU BIBA BISOBOLA OKWONOONEKA MANGU NNYO**

## 6.4 Okuzuula Ebyennyanja ebyonoonese

**Ekibuuzo: Okulaba ekyennyanja eky'onoonese:**

**Ekyokuddamu:** Ekyennyanja eky'onoonese kisobola okulabirwa ku nkyukakyuka mu laangi, akasu/akawoowo kaakyo, laangi y'amaasO, laangi y'endaka, okugonda kw'ebinywa n'oluusi okwabika kw'olubuto.

Olukangaga olulaga eby'okufaako nga weekkaanya ebyennyanja eby'onoonese.

| Ekyokufaako | Ekyennyanja ekirungi | Ekyonoonese |
|---|---|---|
| Akawoowo | • Nnungi era tekiwunya | • Mbi ate esonsomola |
| Amaaso | • Gaba makanufu nga gatemagana | • Gaba galimu ekifu ate nga gagudde mu mutwe |
| Ebiviiri n'amagindu | • Nga bitobyetobye.<br>• Binyirira, bimyufu ddala | • Bikalu, nga bikambira, bya kitakataka ate nga biwunya bubi. |
| Olususu | • Lutobyetobye, terulinaako kamogo, lumasamasa<br>• Ebigagamba bituula bulungi ku mubiri<br>• Ekyennyanja kiseerera mu ngalo zo | • Laangi efuukafuuka n'olususu lubeera luliko esalikaDiscoloration and cracked skin<br>• Kitandika okuvaako ebigagamba byakyo. |
| ennaanu | • Ebeera ku mubiri gwonna mu kyenkanyi.<br>• Ebeera erabika bulungi ate nga terina kasu. | • Nkwafu ate nga nkyafu era ewunya bubi. |
| Omubiri | • Enfaanaana tekyukakyuka<br>• Bwogunyigako gukomawo mangu. | • Gugonda, mudddugagavu era tegunaanuuka |
| olubuto | • Lumasaama era terulina buvune bwonna<br>• Akatuli akafulumya obukyafu kaba kanywevu nnyo. | • Akatuli akafulumya obukyafu kaba kakadde era nga kasowoseeyo.<br>• Luba lwa kyenvuyirivu-kitakataka mu laangi. |

### 6.4.1 Ebiva mu kwonooneka kw'ebyennyanja

**Ekibuuzo: Biki ebiva mu kwonooneka kw'ebyennyanja?**

**Ekyokuddamu:** Waliwo ebintu bingi ebiyinza okuva mu kw'onooneka kw'ebyennyaja era nga biyinza okuba bino wammanga;

Okufiirizibwa eri omusuubuzi wamu n'okufiirwa ssente z'ensibo/entandikwa

Okufiirwa abaguzi n'akatale

Okukosa ebyobulamu bw'abantu olw'okwonooneka

**JJUKIRA NTI EKIKULA KY'OMUBIRI TEKISAANA KUBEERA BUZIBU GYOLI NGA OTUUKIRIZA EBIROOTO N'EBIGENDERERWA BYO.**



1. Kiki ky'otegeera bwe twogera ku kikula ky'omubiri?
2. Biki by'osanze nga bikukugira ng'omukyala oba omusajja okutuukiriza ebigendererwa byo?
3. Ovvuunuka otya ebikukugira ebyo okusobola okutuukiriza ebigendererwa byo?
4. Ekikula kyy'omubiri kiyambye kitya abakyala abali mu bizinensi y'ebyennyanja okukulaakulaanya eby'envuba?
5. Ekikula ky'omubiri kikoze ki mu kukuuma emmere?

## 6.5 Okunnyonnyola ku kukuuma emmere

### 6.5.1 ebikolwa ebigenderere ebireetera okukuuma /okuziyiza okwonooneka kw'ebyennyanja

**Ekibuuzo 1: bintu ki abavubi abakyala n'abaami bye bakola nga bagenderedde okuziyiza okw'onooneka kw'ebyennyanja era wa we babikolera?**

**Ekyokuddamu:** Ebyokulabirako ebiyinza okuviirako ebyennyanja okwonooneka

- okwonoona okw'ettima; okuyiwa ebiragalalagala ku byennyanja (kino kisobola okukolebwa abeemikwano abeemulugunya, abakozi oba abazigu)
- okwonooneka okugenderere n'ettaka, oba neviirii ku byennyanja
- okutaagula okunderere (okusala, okukwagula oba okumenyako ebitundu ku byennyanja)

Bino bisobola okutuukawo nga;

- emirimu egikolebwa ku nnyanja ne ku mwalo
- bitambuzibwa okutwalibwa mu makatale
- ku mudaala mu katale ne webiroogoosezebwa
- mu kutereka
- mu kubisiba

**Ekibuuzo 2: ebikolwa bino ebigenderere ebireetera okwonooneka kw'ebyennyanja biyinza kwewalibwa bitya?**

**Ekyokuddamu:** ebikolwa bino ebigenderere biyinza okwewalika nga tuyita mu;

- **Okuteekawo amateeka;** amateeka agateekebwawo abantu okufuga byonna ebiva mu byennyanja
- Obukuumi obutuukira ku bizinensi eno gamba nga okubeera ne kkufulu ku buli kifo awaterekebwa ebyennyanja, okubeera n'obudde obukakali omutundirwa ebyennyanja.
- **Okulondoora ebyennyanja;** okukebera ebyennyanja nga tebinnaba kusaasaanyizibwa mu katale.

- Okkuteekawo enkola abantu/abaguzi mwe bayita okutuusa okwemuluggunya kwabwe; okusobola okugonjoola obukuubagano bwonna mu basuubuzi obuyinza okuviirako okwonoona kw'ebyennyanja mu bugenderevu n'ekigenererwa eky'kufiiriza.
- Okuteekawo omutindo ku katale gamba nga okukebera ebyennyanja n'abyonna ebiva mu byennyanja mu katale.

### 6.5.2 Obuyonjo bw'omuntu ssekinnoomu

**Ekibuuzo: obuyonjo kye ki?**
**Ekyokuddamu:** Okunnyonnyola obuyonjo bw'omubiri[1]

- Obuyonjo bw'omubiri obulungi bubeeramu okukuuma ebitundu by'omubiri byonna eby'ebweru nga bitulula era nga biramu bulungi. Bwe tutakuuma mibiri gyaffe nga miyonjo, obuwuka buyinza okutukwata olwo ne bunafuya omubiri ekiyinza okutuviirako okulwala. Tusobola n'okusiiga abalala obuwuka buno.
- Abantu bangi bayinza n'okukwewala singa obeera mukyafu ekiviirako okusosolwa n'okubeera obwomu.
- Nga omusuubuzi oyinz okugoba abaguzi olw'obukyafu.




**Ekibuuzo: Bika ki eby'obuyonjo ebiriwo?**
**Ekyokuddamu:** waliwo ebika by'okweyonja bingi wabula ebyokulabirako ebimu biragiddwa wammanga;

| Ekika ky'okweyonja | okunnyonnyola | Engeri y'okweyonjaamu |
|---|---|---|
| Amannyo | • Muno muzingiramu okuyonja amannyo gaffe nga tugasenya n'akasenya oba akati buli luvannyuma lw'okulya era ne bwoba tonnagenda mu buliri.<br>• Kino kiziyiza akasu akabi era ne kikuuma amannyo gaffe nga meeru.<br>• Kiyinza n'endwadde nga amannyo okuvunda wamu n'endwadde ezikwata ebibuno. | • Okusenya amannyo okumala eddakiika bbiri emirundi ebiri buli lunaku. |

| | | |
|---|---|---|
| Omubiri | • Tutuuyaana nnyo era bwe tuteerongoosa bulungi tuyinza okuwunya. | • Naaba buli lunaku ng'okozesa ssabuuni n'amazzi<br>• Osobola okukozesa obuwoowo obuziyiza okutuuyaana aye obutawunnya nnyo obutataataaganya balala<br>• Ebitundu byafffe ebyekyama n'enkwawa byetaaga okuyonjebwa wamu n'okubimwa obulungi. |
| Okunaaba mu ngalo | • Okunaaba engalo buli kaseera ye emu ku ngeri y'okuziyiza okusaasaanya endwadde eziyinza okuva k muntu omu okudda ku mulala.<br>• Okunaaba mu ngalo kirina okukolebwa emirundi mingi okugeza;<br>• Nga tonnategeka mmere, ng'ogitegeka, era n'oluvannyuma lw'okugitegeka. Era mu mbeera eno, ne bwoba nga;<br>• Tonnalya mmere<br>• Ng'omaze okuyonja omuntu yenna asesema oba alina ekiddukano<br>• Nga tonnaba n'oluvannyuma lw'okuyonja ebbwa<br>• Oluvannyuma lw'okukozesa kaabuyonjo<br>• Oluvannyuma lw'okuukyusa nnappi oba okuyonja omwana ava mu kaabuyonjo<br>• Oluvannyuma lw'okunyiza, okukolola oba okwasimula<br>• Oluvannyuma lw'okukwata ku kasasiro oba ebintu ebirala byonnna ebiddugala.<br>• Oluvannyuma lw'okukwata ku bisolo byonna ebikuumibwa awaka | • Bisiwaza emikono ng'okozesa amazzi, bw'omala amazzi gasibe olwo weesiigeko ssabuuni.<br>• Kola ekkyovu nga oyisa engalo u zinnaazo, emabega w'ebibatu tewerabirayo, mu makkati g'engalo ne wansi w'enjala.<br>• Mala sikonda nga abiri nga onaaba engalo, obudde nga bw'okozesa okuyimba akayimba ka mazaalibwa emmirundi ebiri.<br>• Nyumunguza engalo bulungi ng'okozesa amazzi agatukula<br>• Engalo zikaze bulungi ng'okozesa akawero akatukla. |
| Enjala | • Enjala zisobola okubeeramu obuwuka n'obukyafu, ekireetera okusaasaana kw'obuwuka. Kyangu nnyo obuwuka n'obukyafu okwekweka mu njala empanvu, noolwekyo okuzikuuma nga nnyimpi kiyamba okukendeeza ku nsaasaanya y'obulwadde. | • Enjala zikuume nga nnyimpi<br>• Jjamu obukyafu bwonna mu njala. |
| Obuyonjo ng'oli mu nsonga | • Abakyala balina okwekuuma nga bayonjo nga bali mu nsonga. | • Kyusa ebiwero by'okozesa buli kiseera era naaba mu ngalo nga tonnaba oba ng'omaze okukyusa ebiwero by'okozesa byonna. |


**Ekibuuzo:** Obuyonjo kye ki?
**Ekyokuddamu:** Obuyonjo y'engeri gye tukuumamu wetubeera ga wanyirira era nga weeyagaza.




**Question: Obuyonjo bw'omubiri ne wetubeera bwekuusa butya ku kuvuba n'okutunda**
**Ekyokuddamu:** Ebyokuddamu biweereddwa mu lukangaga luno wammanga;

| Ekitunuulirwa | Okuvuba, okulongoosa n’okutunda ebyennyanja | | | | |
|---|---|---|---|---|---|
| | **Ku nnyanja** | **Ku mwalo** | **Ebyentambula** | **Okuyonja** | **Eby’akatale** |
| Obuyonjo bw’omubiri | • Kozesa engoye ennyonjo n’engalo okukwata ku byennyanja | • Kozesa engoye ennyonjo n’engalo ng’okwata ku byennyanja<br>• Fuba okulaba nga onaaba engalo. Weewale okunaaba mu ngalo n’amazzi amakyafu oba ssabuuni addugala.<br>• Naaba mu ngao oluvannyuma lw’okukozesa kaabuyonjo<br>• Naaba mu ngalo olvannyuma lw’okukwata ku bisolo ebirundirwa awaka nga embwa ne kkapa.<br>• Yamba gambutusi enjeru ne kkoti enjeru enyimpimpi okusobola okukakasa obuyonjo bw’abo bonna abeenyigira mu mulimu gw’ebyennyanja ku mwalo. | • Weewale okutuula ku byennyanja nga obitambuza<br>• Ebyennyaja birina okukuumibwa obulungi ne bbalaafu mu mukebe omulungi. | • Naaba mu ngalo buli kiseera bw’oba nga okola ku byennyanja ne byonna ebiva mu byenyanja.<br>• Enviiri zibikke ng’okola ku byennyanja.<br>• Tokola ku byennyanja ng’olina ekiddukano, okusesema oba endwadde y’omubiri yonna. | • Laba nga amabwa n’enkwagulo zonna ozibikka bulungi<br>• Weewale okubeera n’enjala empaanvu ate nga nkyafu.<br>• Weewale okwambala ebyokwewunda byonna ku ngalo oba mu kinywa ebireetera obuwuka okufuna we bwekweka.;<br>• Weewale okukola oba okwasimulira mu mmere. |

| | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|
| Obuyonjo bw'ebifo | Longoosa eryato ne byonna ebikozesebwa mu kuvuba ng'okozesa amazzi agatukula ne ssabuuni.<br>Eryato teririna kubeeramu bituli, lirina okubeera mu mbeera ennungi erisobozesa okubeera ku nnyanja era n'obukooti obutaasa obulamu bulina okubeerako nga butegekeddwa okukozesebwa.<br>Eryato erikozesebwa okuvuba teririna kukozesebwa kutambuza bintu birala byonna ebitali byannyanja okusobola okuziyiza okwonoona ebyennyanja;<br>Okukozesa amazzi agatukula nga muli ku lyato okusobola okuziyiza okwonoona ebyennyanja.<br>Kozesa bbalaafu okukuuma ebyennyanja Buli kyannyanja kirina okukwatibwa n'obwogendereza nga kiri mu lyato | Kaabuyonjo sirina okubeera mmita 30-50 okuva ku nnyanja.<br>Ekifo ebisolo we binywera amazzi kyawulibwa okuva ku ky'abantu kye bakozesa; Kaabuyonjo erina okubeerako obumooli obulungi era nga ebikkibwa.<br>Walina okubaawo ebifo awanaabirwa engalo.<br>Emikebe omuterekwa amazzi birina okubikkibwako bulungi Kasasiro ateekebwe mu bikebe ebirina ebisaanikira okuziyiza enswera okuvaamu ne zigwa ku byennyanja okubyonoona.<br>Ekifo awatuukira ebyennyanja kirina okubeera ekiyonjo obudde bwonna.<br>Abavubi n'abakwata ku byennyaja bonna balina okuyita mu binnya by'ebigere wonna webiteekeddwa. Kino kiyamba okuziyiza okusaasaanya obuwuka mu kifo ebyennyanja we biyonjezebwa.<br>Weewale okuteeka ebisolo mu lyato erikozesebwa okuvuba.<br>Eryato erikozesebwa okuvuba n'ebintu ebirala okukala oluvannyuma lw'okubikozesa. | Obudde butono bukozesebwe okuvuba n'okutambuza ebyenyanja okwewala okubyonoona Okufuga ebbugumu n'obunnyogovu mu byennyanja ng'okozesa bbalaafu nga ku mpuuta. Ebyennyanja olugyibwa mu nnyanja birina okuteekebwa ku kintu ekitukula nga tebinnaba kuteekebwa mu mmotoka erimu bbalaafu. | Ebyennyanja ebikwatibbwa mu budde obwenjawulo birina kukuumibwa mu bifo byanjawulo kuba biba mu budde bwanjawulo obw'okwonooneka.<br>Omukebe ogukozesebwa okutambuza ebyennyanja gulina okuyonjebwa buli luvannyuma lw'okukozesebwa.<br>Abakwata ku byennyanja bonna ku mmitendera egy'enjawulo balina okuyiga okweyonja obulungi.<br>Ebyennyanja birina okuterekebwa bullungi mu mikebe emituufu okuziyiza okubyonoona Ebiva mu byennyanja ebitaliibwa biyinza okuddamu okukolebwako okufuna butto okugeza ebyenda by'empuuta bikozesebwa okufuna butto.<br>Ebirala nga obubi bw'ebyennyaja bisobola okukozesebwa okufuna emmere y'ebisolo n'ebyennyanja ebirala.<br>Ekyokubiri, obubi by'ebyennyaja busobola okukozesebwa nga ebigimusa mu nnimiro. | Kyetaagisa okukozesa bbalaafu atasanuuka mangu oba bbokisi ez'amasanda okutereka ebyennyanja.<br>Ebikozesebwa okutereka ebyennyanja birina okubeera nga biwangaazi ate nga bimala era nga byebyo ebikakasibwa okukozesebwa mu kutereka emmere.<br>Osobola okukozesa ebisero ebitali bya bbeeyi naye bino obikozesa nga byennyanja ogenda kubitundirawo mangu Omukyala bw'aba akozesa akaveera okubikka ekibokisi nga asabika ebyennyanja ebikalu obutagendamu mazzi n'obukuku ekiviirako okwonooneka.<br>Ku byennyanja ebikalu, abakyala bakubirizibwa okukozesa ebibbo wamu n'ebikosi eby'embawo. |




### 6.5.3 Okukuuma ebyennyanja

**Ekibuuzo: Okukuuma ebyennyanja kitegeeza ki?**
**Ekyokuddamu:** Okukuuma ebyennyanja y'enkola y'okwongezaayo ebbanga ebyennyanja ne byonna ebiva mu byennyanja we bibeera nga bikyasobola okuliibwa oluvannyuma lw'okuvubibwa.

**Ekibuuzo: Bika ki ebiriwo eby'okukuuma ebyennyanja?**
**Ekyokuddamu:** waliwo engeri nnyingi ez'okukuuma ebyennyanja. Naye mu by'kuvuba mu Uganda, ebika bino wammanga bye bitunuuliddwa.

a) **Okukalirira ebyennyanja**

Emugaso gw'ebyotero ebiri ku mulembe


- Bikozesa bulungi enku;
- Bisaasaanya bulungi ebbugumu n'omukka;
- Bikendeeza ku budde bw'omala ng'okalirira;
- Ebyennyanja ebikalirirwa omulundi ogumu bingiko;
- Bikozesa olusaniya ekikendeeza ku bukoowu ng'okalirira;



- Tray nh'edhifulumya omwika nh'eibugumu;
- Eibugumu nhh'omwika ebyetagisa mu kukalirira bisobola okupimibwa;

- Ebyenhandha byonha byonha biya mu ngeri ndala ekireta okwongera omutiindho, mu ngeri ya langi, ekikula nh'empooma;
- Kikendheeza inho okugemerera ebyenhandha;
- Ebyenhadha byeyongeramu bbeyi.

b) **Okwanhika ebyenhandha ku musanha**



- Okwanhika mu musanha kikola bulungi ku Mukene okuba nga atekebwa  ku katimba okweghala okwonhonheka nh'okukala mangu.
- Bwika ebwenhandha obutonho nga haplochromines ku kitiimba okweghala okwonhonheka singa enkuba/envula egwa.
- Ebyenhandha nga bimaze okukala birinha okuterekebwa bulungi nga mu bifo ebikalu, ebitamu empewo okweghala okwonhonheka nga biwumba.




**ukukubiriza obutayanika mukene wansi naddala nga agenda kuliibwa bantu.**

c) **Okuteeka omunnyo ku byennyanja**



Omunnyo guteekebwa ku byennyanja mu ngeri ennyangu zino:

- Ebyennyanja binnyikibwa mu mazzi agalimu omunnyo.
- Omunnyo ogw'empeke ennene gusiigibwa ku miwuula gy'ebyennyanja.
- Omunnyo era gusiigibwa ne ku ngulu ku byennyanja era buli ludda lw'ekyennyanja lusiigibwako.
- Guraamu 270-360 ez'omunnyo ze zirina okuteekebwa mu liita y'amazzi ag'okuteeka mu byennyanja.
- Ebyennyanja bibikkibwa n'omunnyo era ne biteekebwa mu mikebe egitayingiramu mazzi nga girimu omunnyo.

d) **Okukozesa balaafu ku byennyanja**

- Kozesa balaafu ow'omutindo omulungi yekka akoleddwa mu mazzi agawewuka, mu makolero agakuumibwa obulungi;
- Balaafu mutereke mu mikebe egitukula obulungi;
- Weewale balaafu omunene n'alina ensonda ensongovu ayinza okufumita ebyennyanja;
- Ebyennyanja biteeke mu balaafu amangu ddala nga bya kuvubibwa;
- Kozesa kkiro 1 eya balaafu okukuuma kkiro emu ey'ebyennyanja;
- Balaafu alina okuteekebwa wansi ne waggulu mu bibokis era kirungi okumugatta ne mu byennyanja nga biri mu bokisi. Kino kijja kuyamba okunnyogoza amangu ebyennyanja.
- Fuba okulaba nga balaafu asaasunuuse alina waafulumira okuva mu bikosi.

### 6.5.4 Okuzimba ebyokwerinda mu mmere

**Ekibuuzo: Enteekateeka y'ebyokwerinda mu byennyanja etegeeza ki?**
**Ekyokuddamu:** Enteekateeka y'ebyokwerinda mu mmere ekuyamba okuzuula emitendera gy'oyinza okukozesa okukendeeza emikisa gy'okwonooneka kw'ebyennyanja n'ebintu ebirala ebiva mu byennyanja mu bizinensi yo.

**Ekibuuzo: Enteekateeka y'ebyokwerinda mu mmere ekolebwa etya?**
**Ekyokuddamu:** enteekateeka y'ebyokerinda eno eyinza okuzimbibwa nga weesigama ku bino;

Omtendera 1: Weekkaanye ebyokwerinda ku mmere

- Kino kikuyamba okutegeera wa obuzibu we buyinza okuva, wabweru ne munda okwonoona emmere. Abeetabi beekkaanya ebyokwerinda byabwe nga bwe biyimiridde, etterekero n'engeri gy'eliggalwa, abatuuka ku byennyanja, endowooza z'abakozi n'emikwano, ebiragalalagala n'ebintu ebirala eby'ettabu, ebyokwerinda mu katale wamu n'obuyonjo obw'omuntu ssekinoomu n'abalala.

Omutendera 2: Okukola enteekateeka ey'okuziyiza'ey'okukkakkanya obulabe

- Ng'omaze okulaba ebyo byonna ebiyinza okuviirako okwonoon ebyennyanja mu bugenderevu, onoonya by'oyinza okukola okuziyiza oba okukendeeza ku kwonoona ebyennyanja mu bugenderevu.

Omutendera 3: Okugereka ebisale by'enteekateeka

- Oluvannyuma lw'okukola enteekateeka y'ebyokwerinda, abeetabi bagenda mu maaso okubalirira ensimbi ezeetaagisa okuteeka enteekateeka eno mu nkola.

Omutendera 4: Ddamu wekkaanye enteekateeka z'okuziyiza

- Buli luvannyuma lw'ebbanga eggere, ddamu weekkaanye enteekateeka yo okulaba oba ekola bulungi oba nedda era okyusekyuseemu nga bwe kisaanidde

**Oyinza okukolesa enkola enho waamanga;**

| Ebiyinza okuleetera okwonooneka kw'ebyennyanja | Ekiyinza okukolebwa okuziyiza okwonooneka kw'ebyennyanja | Ensimbi eziyinza okwetaagibwa | Okwekenneenya (Buli mwezi, mwaka, kitundu kya mwaka) |
|---|---|---|---|
| Okuteeka ebiragalalagala mu byennanja | Teekawo etterekero eririna awaterekebwa awalungi era nga liriko ne kkufulu | 400,000 | Buli mwezi |

Caution **Kino kisobola okukolebwa omuntu ssekinoomu oba ekibinja ky'abantu.**

## 6.6 Okukuuma ebyennyanja n'omutindo

### 6.6.1 Biki ebiyinza okuviirako okwonoona ebyennyanja mu butali bugenderevu?

**Ekibuuzo; biki ebikolebwa mu butali bugenderevu ebiviirako okwonooneka kw'ebyennyanja?**
**Ekyokuddamu;** Mu bino muyinza okubaamu bino;

| Kannabiramu/Biological | Ebikwatibwako/Physical |
|---|---|
| ➢ Obuwuka nga Bacteria, viruses and parasites (buntu butono obutasobola kulabibwa na maaso naye nga bw'onoona ebyennyanja era nga bukosa omutindo gw'abyo)<br>➢ Enzymes; are chemicals found in fish (The activity can be increased or reduced due to temperature and other changes) | ➢ Obubenje nga biri mu kutambuzibwa<br>➢ Enfuufu<br>➢ Omukka omubi<br>➢ Ebbugumu n'obunnyogovu<br>➢ Enkuba |

### 6.6.2 Tulaba tutya omutindo gw'ebyennyanja mu nkola zaffe ezabulijjo?

**Ekibuuzo; tulaba tutya omutindo gw'ebyennyanja mu nkola zaffe ezaabulijjo?**
**Ekyokuddamu;** omutindo gw'ebyennyanja gusobola okuteegerekeka okusingira ddalan ga tutunula ku byennyanja. Mu kutunula tuyinza okulaba, okukwata, okuwunya wamu n'okukomba ku byennyanja. Olukanga luno wammanga lulaga egimu ku miwendo by'ebyennyanja ebirungi;
Okukebera omutindo gw'ebyennyanja nga tukozesa okutunuula

| Omutendera | Ebiviiri | Amaaso | Endabika y'omubiri | Obugonvu | Omutindo |
|---|---|---|---|---|---|
| 5 | • laangi emyufu nga nkwafu<br>• Some thin clear slime<br>• Akawoowo akabi | • Kimasaamasa n'okutemagana<br>• Emmunye ziba zitangalijja<br>• Amaaso galaba bulungi | • Laangi yaakyo yennyini eyobutonde<br>• Kitemagana<br>• Amagamba gali wamu<br>• Ennaanu ntono oba nga teriiko yadde slime | • Kiri wamu n'ebwekiba kinyeenyeezebwa oba nedda | • Kisuffu/ kirungi nnyo |

| | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|
| 4 | • Laangi myufu<br>• Ennaanu entonotono naye nga ekyalabika buungi<br>• Temuli kawoowo | • Kitemagana nnyo nnyo<br>• Galimu ekifu kitonotono<br>• emmunye<br>• amaaso galabamu katonoe | • laangi yaakyo eyobutonde<br>• amagamba gaba wamu<br>• enaanu entonotono | • guli wamu | • kirungi |
| 3 | • laangi myukirivu-kitakataka<br>• ennaanu nkwafu<br>• akawoowo kabi kaliga aka bbiya | • si makyamufu<br>• emmunye ziriko ekifu<br>• mabeetentevu<br>• Some blood | • Laangi myukirivu<br>• Amagimba si makwafu ku mubiri<br>• Ennaanu nkwafu nnyo | • Guli wamu | • Bwekityo bwekityo |
| 2 | • Laangi ya kitaka<br>• Ennaanu nnyingi<br>• Akawoowo tekategeerekeka | • mabeetentevu<br>• emmunye ziriko ekifu<br>• amaaso tegalabika bulungi<br>• kirimu olusaayisaayi | • Laangi myufu/ kyenvu<br>• Tekuli magimba<br>• Olususu lukalu<br>• Ennaanu nnyingi | • Gugonda | • Kibi |
| 1 | • Laangi ya kitaka<br>• Ennaanu nnyingi<br>• Akawoowo kabi nnyo | • Mabeetentevu<br>• Emmunye ziriko ekifu<br>• Amaaso gaguddemu<br>• Galimu omusaayi | • Laangi myufu/ kitaka<br>• Amagamba matono<br>• Olususu lukalu<br>• Ennaanu nkwafu nnyo ate ya kyenvu | • Lugonda nnyo<br>• Bw'okinyigako olugalo werunyiza wasigala walabika | • Kibi nnyo |